Ekifo Kya Katonda Kye Yeeroboza Eky'Okumusinzizaamu

Leka tusigale nga tukyayimiridde okumala akaseera tukoteke emitwe gyaffe tusabe. Kaakano, nga tukotese emitwe gyaffe, era nzikiriza n'emitima gyaffe, nagyo givunnamye, ssimanyi bameka abali wano akawungeezi kano abandyetaaze okujjukirwa mu kusaba, nga balina ekyetaago eky'enjawulo? Osobola okuyimusa omukono gwo, n'ogamba nti, "Ayi Katonda, akawungeezi ka leero nkusaba ompe ekyo kye nsaba." Mukama abawe omukisa.

2 Kitaffe ow'omu Ggulu, kaakano mu buwombeefu nga bwe tujja eri Entebe eno enkulu ey'obwakabaka ey'ekisa, olw'okukkiriza, tuyingira eyo mu Buziba; eyo Katonda, ne Bamalayika, ne Bakerubi, n'eggye lyonna ery'omu Ggulu gye bakuŋŋaanidde awamu. Kubanga Yagamba nti k'ebeere enkazaluggya teyinza kugwa ku ttaka nga Kitaffe ow'omu Ggulu takimanyi. Olwo Tasingawo nnyo okumanya ebigenda mu maaso wano awali ebikumi n'ebikumi by'abantu nga bakotese emitwe gyabwe, nga bakukoowoola olw'ebyetaago eby'enjawulo bye balina. Kitaffe, tunula wansi ku nsi eri mu bwetaavu akawungeezi kano, kubanga tuli bantu abali mu bwetaavu.

3 Era nkusaba, ayi Katonda, nti kubanga tukuŋŋaanye wano era nga twoleka gy'Oli okukkiriza kwaffe kwe tulina mu Katonda Oyo ayanukula okusaba; tweyawula ne tuva mu nsi y'abo abatakomolebwanga, mu mitima n'amatu, ne tubeeyawulako okujja okutambulira mu bulamu obweyawudde, n'okutambulira mu bulamu obwoleka okukkiriza kwaffe kwe tulina mu Ggwe. Akawungeezi kano tuyimusizza emikono gyaffe, nga tugamba nti, "Tuli mu bwetaavu." Ayi Katonda omwagalwa, ddamu buli kimu kye basaba.

4 N'ekirala, ayi Kitaffe, tukusaba otukyalire akawungeezi ka leero mu Kigambo. Tuzze wano okufuna okugololwa, n'okufuna okutegeera, tusobole okumanya engeri ey'okubeerawo mu kiseera kino kye tulimu; tutegeere kye tulina okuba nga tusuubira okubaawo, ne kye tulina okukola. Kubanga, tumanyi nti Okujja kwa Mukama waffe kusembedde, okusinziira ku bubonero bwonna bannabbi bwe baalagulako. Tugenda tusemberera ekiseera, ayi Mukama, okusumululwa okujjuvu lwe kunaaweebwa abaana Bo. Ayi Katonda, tuyambe, buli omu

ku ffe, abeereyo, ayi Kitaffe. Tusaba waleme kubulayo n'omu ku ffe. Ekyo kye kigendererwa ky'okujja kwaffe wano, ayi Mukama. Tukwagala, era tugezaako okweteekateeka ku lw'akaseera ako.

5 Nate tukusaba, oyogere gye tuli, akawungeezi ka leero. Owonye n'abalwadde. Abalwadde bonna n'abanyigirizibwa abali mu kizimbe, tukusaba Obawonye, ayi Mukama; n'okusingira ddala abo abalina ebyetaago eby'omwoyo. Tusaba Olokole buli mmeeme eyabula. Jjuza buli mukkiriza n'Omwoyo Omutukuvu. Era ozze buggya embavu n'Amaanyi mu baana Bo abakkiriza. Ebintu bino tukusaba obituwe, ayi Kitaffe. Tusaba bingi, kubanga Watugamba tusabe, "musabe bingi, musabe ebintu ebinene, musabe bingi nnyo ddala," essanyu lyaffe libeere lijjuvu. Era tubisabye mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

Mutuuleeko.

6 Mazima ddala guno ngutwala okuba nga mukisa gwa maanyi nnyo ddala akawungeezi kano, okukomawo wano mu kituuti nate, mu ssomero lino erya siniya, okusisinkana abantu bano abalungi abakuŋŋaanye okuwulira Enjiri. Nsaba okusaasira kwa Katonda kunnyambe mbabuulire Amazima nga bwe mmanyi Amazima. Akyasobolera ddala okuziba akamwa k'omuntu, nga bwe Yaziba akamwa k'empologoma. Era singa ngezaako okwogera ekintu kyonna ekikyamu era ekikontana n'ekyo ky'Ayagala kikolebwe, essaala yange ey'obwesimbu eri nti nsaba Anzibe akamwa, nneme okukyogera. Kubanga, eky'amazima, nange, Eggulu njagala okulibeeramu; ate bwe njogera ekintu nga ekyo mba siri wa kulibaamu, ate, nga oggyeeko ekyo, mbeera mukulembeze wa bulimba, mbeera muntu akoze ekintu eky'obulimba. Kale singa nkikola, mba nkikoze lwakuba nti kye kyokka kye mmanyi. Mukama abawe omukisa.

7 Kati, enkya ku makya, Katonda bw'anaaba bw'ayagadde, nteekateeka okubuulira ku ky'okuyigako ekyo, eky'*Okufumbiriganwa n'Okwawukana*. Era tukkiriza nga munajja, muleete n'ekkalaamu zammwe enkalu n'empapula. Tetujja kutwala kiseera kiwanvu nnyo, naye njagala ku...Mu byonna, ekyo kye kyali ekigendererwa kyange okukomawo wano, mu Indiana, kuba nnali nnakibasuubiza. Kale nja kugezaako, enkya ku makya. Bwe nnaaba sisobodde kukibuulirako enkya ku makya, nja kukibuulirako akawungeezi. Naye nja kugezaako enkya ku makya, Mukama bw'anaaba ayagadde, okubuulira ku ky'okuyigako ekyo, endowooza ez'emirundi ebiri ezikwata ku nsonga eyo. Era nsaba Katonda atuyambe tutegeere Amazima ge gali wa, tutegeere Amazima bwe gali, tusobole okutambulira mu Mazima era mu Musana. Tu...

8 Omanyi, edda nnalina mukwano gwange omuddugavu. Lumu yaŋŋamba, nti, "Ow'oluganda Billy," n'agamba, "Sa—ssaagala kuba na buzibu bwonna nga ntuuse ku mugga."

Yagamba, "Tikiti yange njagala embeere mu ngalo. Era ffirimbi bw'erifuuyibwa, ssaagala kusisinkanayo kutawaanyizibwa kwa ngeri yonna. Ekyo nnakisaba Mukama, ebbanga ddene eriyise, nti bwe wabaawo ekintu kyonna ekitateredde, njagala nkitereeze kati," n'agamba nti, "kubanga kiriba kiseera kya kazigizigi ekijjudde emiyaga ku makya ago emmeeri bw'eriba esimbula okwolekera emitala eri." N'agamba, "Saagala kutaataaganyizibwa kwa ngeri yonna. Byonna njagala mbitereeze kati." Ekyo kye kituleese wano, okugezaako okutereeza ebyandivuddeko okutaataaganyizibwa okw'engeri yonna, tusobole okulinnya emmeeri mu kaseera kali bwe kaliba katuuse.

9 Kati, sigenda kubuulirira kiseera kiwanvu akawungeezi kano, kubanga tulina enkuŋŋaana bbiri enkya. Ate bwe zinaggwa nneeyongereyo, mbeeko awalala gye ndaga, era mu nkuŋŋaana, endala.

10 Naye, kati, mu Kitabo ky'Ekyamateeka Olw'okubiri. Njagala okusoma okuva mu ssuula ey'e 16, ennyiriri essatu ezisooka, mu Ekyamateeka Olw'okubiri 16:1 okutuuka ku 3.

> *Okwatanga omwezi Abibu, weekuumenga okuyitako . . . eri* MUKAMA *Katonda wo: . . . mu mwezi* (ogw'okuna) *Abibu* MUKAMA *Katonda wo mwe yakuggira mu—mu Misiri ekiro.*
>
> *Era onottiranga okuyitako* MUKAMA *Katonda wo, ku mbuzi ne ku nte, mu kifo* MUKAMA kye yeerobozza *okutuuza omwo erinnya lye.*

11 Kati, omutwe gw'eky'okuyigirizaako kyange akawungeezi kano gugamba nti: *Ekifo Kya Katonda Kye Yeeroboza Eky'Okumusinzizaamu.*

Bwe weetegereza obulungi, omwezi A-b-a-d . . . -b oguli awo, gutegeeza, "Apuli." Baafulumizibwaayo mu mwezi gwa Apuli.

Era kati ekintu ekiwuniikiriza kiri nti ffe akawungeezi kano, nga abasinza Katonda, mu kiseera kino kye tulimu, tukizuula nti ate waliyo endowooza z'abantu nnyingi ez'enjawulo. Ate ekintu kasita kibaako endowooza ez'enjawulo, wabaawo n'ebibuuzo eby'enjawulo; kale wabeera walina okubaawo eky'okuddamu kimu ekituufu eri buli kibuuzo ekibuuzibwa.

Singa mbuuza ekibuuzo nti, "*Kino* kiki?"

"Eyo," omu yandinnyanukudde nti, "mmeeza."

"Yaaki?" Mukiraba?

12 Kati, awo, wayinza okubaawo agamba nti, "Eyo si mmeeza. Olwo lubaawo." Kale, weewaawo lubaawo, naye ate nga mmeeza. Mulaba, wateekwa okubaawo eky'okuddamu ekituufu eri ekibuuzo ekyo.

Na bwe kityo bwe mbaako ekibuuzo ekikwata ku kintu eky'engeri yonna kye mbuuza, wateekwa okubaawo eky'okuddamu ekituufu. Wayinza okubaawo eky'okuddamu ekisemberedde okuba ekituufu; naye wateekwa okubaawo eky'okuddamu ekituufu, ekiddamu mu bulambulukufu ekibuuzo eky'engeri yonna. Kale, n'olwekyo, eri buli kibuuzo kye tuba nakyo mu bulamu bwaffe, wateekwa okubaawo eky'okuddamu ekituufu, ekituufu.

13 Kale kati, leero, tuwulira—tuwulira nga kyogerwa, bangi ku bantu baffe mu nsi leero . . .

Nga bwendi muminsani, atambudde eŋŋendo eziwerako nga ŋŋenda emitala w'amayanja n'okwetooloola ensi, nsisinkanye enzikiriza nnyingi nnyo ez'enjawulo, okugeza nga enzikiriza ekkiririza mu Buddha, n'enzikiriza egoberera Muhammadi, enzikiriza y'Abasiiki, enzikiriza y'Abajayini, n'amadiini amalala mangi, ku madiini agali mu nsi. Kati ate ne mu ggwanga lyaffe lyennyini lino erya Amerika; ne mu mawanga amalala ag'ebweru, nsisinkanyenga n'amakanisa gaffe ag'enjawulo, okugeza nga amakanisa gaffe ag'ebibiina by'amadiini, okutandikira ku ekereziya y'Abakatuliki abaasooka ab'e Rooma, nga kw'otadde ab'e Buyonaani, n'abalala, ne—n'obubondo obw'enjawulo, okutuukira ddala mu. . .mu mirembe gyonna egy'ebibiina by'amadiini egizze gibaawo, egy'ebibiina by'amadiini ebisoba mu lwenda ebyawakanya Obukatuliki.

Kati, buli emu ku zo, weewaawo, olaba nga erina endowooza eyaayo, ate siyinza kubanenya. Buli emu ku zo egamba nti bo be batuufu, be balina amazima. Era nti abantu abali mu kkanisa ezo balina kukkiriza ekyo, kubanga baateeka enkomerero y'obulamu bwa—bwabwe, enkomerero y'obulamu bwabwe ey'Obutaggwaawo, baagyesigamya ku njigiriza ya kkanisa eyo. Ate zaawukanira ddala, buli emu ku ginnaayo, okutuusa nti kireetawo ebibuuzo eby'enjawulo lwenda n'omusobyo.

N'olwekyo, nga bwe waliwo ebibuuzo eby'enjawulo lwenda n'omusobyo, wateekwa okubaawo Eky'okuddamu kimu ekituufu. Era njagala akawungeezi kano ffe, nga bwe kiri nti kye tugezaako okukola kwe kugenda mu Ggulu, n'okusisinkana Mukama waffe Yesu Oyo ffenna gwe twagala, njagala tunoonyereze mu Byawandiikibwa tusobole okukizuula.

14 Kati, bwe kibeera nga kibuuzo ekikwata ku Bayibuli, kitegeeza kirina okuba n'eky'okuddamu ekiva mu Bayibuli. Tekiteekwa kubaako kibiina kya bantu mwe kiva, oba okubaako akakiiko ak'engeri emu mwe kiva, oba okuva eri omusomesa yenna, oba okuva mu kibiina ky'eddiini kyonna. Kiteekwa kuviira ddala mu Byawandiikibwa mwennyini, nga kiraga kifo ki eky'okusisinkaniramu Katonda, eky'okumusinzizaamu. Ate nga mazima ddala, nga bw'ali Katonda, wateekwa okuba

nga waliwo ekifo awantu awamu eky'okumusisinkaniramu, w'Asisinkanira omuntu.

15 Kati, tukizuula wano nti mu Eky'amateeka Olw'okubiri wano, ku lubereberye, Musa nga anokola Ekyawandiikibwa, ekikwata ku bintu bye yali yabagamba, nga bwe Yabaggyayo n'omukono ogw'amaanyi, ogw'ekitalo, okuva e Misiri, n'asooka abanyweza.

Baali bayitibwa "abantu ba Katonda" okutuusa lwe baafuluma Misiri, olwo ne balyoka bayitibwa "ekkanisa ya Katonda." Kubanga, ekkanisa kuba kukuŋŋaana, manyanga, ekituufu kiri nti, *ekkanisa* kitegeeza "abo abaayitibwaayo," abo abayitiddwa okubaako ne kye bafulumamu. Na bwe kityo baafuluma Misiri, okusobola okugwanyizibwa okuyitibwa ekkanisa.

16 Kati Katonda yabagamba, bwe baali . . . bwe baali tebannaba kuzimba yeekaalu ne byonna bye baakola yabagamba nti, "Ndyeroboza ekifo eky'okunsinzizangamu, era Nditeeka Erinnya Lyange mu kyo." Era ekyo ky'ekifo kyokka Katonda mw'asobola okusisinkanira omuntu yenna, Ye Mwene ye yakyeroboza. Yeeroboza ekifo Kye, era omwo mwe Yeeroboza okuba ekifo Kye, mwe Yateeka Erinnya Lye, olunyiriri olw'oku 2 lututegeeza wano eno nti; Erinnya Lye Yali wa kuliteeka mu kifo kye Yerobozza abantu kye balina okumusinzizaamu. Kati, ensonga eri nti, twagala kuzuula kifo ekyo we kiri.

17 Ku ndowooza olwenda n'omusobyo ez'enjawulo eziriwo, nga awo tetubaze nzikiriza za kikaafiiri, wabula nga twogera ku nzikiriza z'abagoberezi ba Kristo zokka. Naye nga, n'abakafiiri nabo mbalumirirwa era mbafaako, kubanga singa tekibadde bwe kityo nnandibadde sigenda gye bali kwogera nabo. Naye, bakyamu. Obukristaayo y'enzikiriza yokka entuufu, Bukristaayo. Era ekyo sikyogera bwe ntyo lwa kuba ndi Mukristaayo; naye nkyogera kubanga, nkikkiriza nti ago ge Mazima. Y'enzikiriza yokka entuufu.

18 Nnali mbaddeko ku ntaana we bategeka embalaasi enjeru gye bakyusa buli luvannyuma lwa ssaawa nnya. Omwazikibwa, Muhammadi, eyali kabona ow'ekitalo era—era omukulembeze eyaliwo oluvannyuma nga Kristo yamala dda okuvaawo, agambibwa okuba nti yali nnabbi, ate, ekyo sibuusabuusa nti si kye yali, eyaliwo oluvannyuma nga omulembe ogwalimu ba Makabeewo ab'oluganda gumaze okuyita. Naye bwe ba . . . Yafa. Naye yagamba nti yali wa kuzuukira era awambe ensi yonna. Kati, buli luvannyuma lw'essaawa nga nnya bakyuusa abakuumi, era awo ku ntaana ye baategekawo embalaasi enjeru. Nga ekyo bazze bakikola, okumala emyaka enkumi bbiri, nga bamulindirira okuzuukira awambe ensi yonna. Naye olaba . . .

19 Bw'ova ku oyo n'odda ku Buddha; Buddha yaliwo emyaka nga bikumi na bikumi egiyise, nga emyaka enkumi bbiri

mu bisatu egiyise, katonda wa—wa Japaani. Era nga yali mufirosoofa, okufaananako ne Confucius, n'abalala.

Naye bano bonna, okumala . . . abaatandikawo enzikiriza zino, n'abalala aba buli ngeri, bonna bonna baafa n'obufirosoofo bwabwe, ne baaziikibwa era bali mu ntaana.

Naye Obukristaayo, obwatandikibwawo Yesu Kristo, bwe bwokka obulina entaana enjereere etaliimu mufu. Ye Musajja yekka eyali abadde ku nsi, eyayimirira n'agamba nti, "Nnina obuyinza okuwaayo obulamu Bwange n'okubuzuukiza nate." Era Yakikola. Ne leero w'Ali mulamu.

Era tumanyi nga w'Ali mulamu, kubanga Ali naffe era nga Yeekakasa nti mulamu okuyita mu bubonero obulabikako n'ebyewuunyo, bye Yasuubiza nti Alibikola okukakasa nti mulamu. Okutuusa nti, n'Empagi ey'Omuliro eyakulembera abaana ba Isiraeri okubayisa mu ddungu, Nayo eri naffe leero, ne tukuba n'ekifaananyi kyayo; nga ekola obubonero n'ebyewuunyo bye Yasuubiza nti Eribikola mu kiseera kino, nga tulaba Ebigambo byonna bye Yasuubiza nga birabisibwa mu kiseera kino. Kati awo, oludda luli olulala olw'abakaafiiri lwo luba luwanduddwa. Obukristaayo bwokka bwe butuufu!

20 Kati, nga bwe kiri nti waliwo ebibuuzo lwenda n'omusobyo ebikwata ku wa Katonda w'asisinkanira omuntu, "Akuŋŋaana n'Abamesodisiti, oba n'Akuŋŋaana n'Ababaputisiti, ate n'Akuŋŋaana wamu ne *bano,* wamu *n'abo,* ate era wamu ne *bali*." Kati, ekibuuzo awo we kiri, n'olwekyo buli omu alina okukolerera obulokozi bwe mu kutya n'okukankana.

Naye akawungeezi kano njagala ngezeeko okuzuula, era nkakase mu Byawandiikibwa, ndage wa ekifo ekituufu we kiri abantu we basisinkanira Katonda era mw'asinzibwa. Era, bwe kinaaba nga kye kituufu, kijja kuba kitegeeza nti ekyo ky'ekifo kyokka mw'Asisinkanira omuntu.

21 Kati, ekitundu kye tusomye tukiggye mu Ekyamateeka Olw'okubiri. Kigambo kya Luyonaani, ekirina amakulu ag'emirundi ebiri, manyanga, ekitegeeza "amateeka abiri." Ekigambo ky'Oluyonaani, *Deuteronomy,* kitegeeza "amateeka abiri ag'enjawulo."

Era ekyo kyennyini Katonda ky'alina, alina amateeka abiri ag'enjawulo. Nga erimu ku go tteeka lya kufa, ate eddala tteeka lya Bulamu. Katonda alina amateeka abiri. Okumugobereranga, n'okumuweerezanga n'okumusinzanga, ofuna Obulamu; naye Ekyo bw'okigaana kuba kufa. Katonda alimu amateeka abiri.

22 Kati, erimu ku mateeka ago lyamanyi- . . . lyategeezebwa eri ensi, ku Lusozi Sinaayi. Katonda yawa Musa ne Isiraeri etteeka. Si nti etteeka lyali lisobola okubayamba, naye etteeka lyali libalaga bulazi nti boonoonyi. Okutuusa ekiseera ekyo, baali tebamanyi kibi kye kitegeeza, okutuusa bwe baaweebwa

etteeka. Tewayinza kubaawo tteeka nga tewali kibonerezo singa limenyebwa. Etteeka teribeera tteeka, bwe litabaako kibonerezo. Kale, n'olwekyo, "Okumenya etteeka kuba kukola kibi, ate empeera y'ekibi kufa." Kale n'olwekyo, okutuusa Katonda lwe yabakolera etteeka, baali tebabalibwako kwonoona kwonna.

Wano bwe watabaawo tteeka likukugira kuvuga kusukka sipiidi ya mmayiro abiri buli ssaawa, kitegeeza oli wa ddembe okuvuga sipiidi esukka mmayiro abiri buli ssaawa. Naye bwe wabaawo etteeka erikukugira okukikola, kitegeeza waba waliwo etteeka wamu n'ekibonerezo singa olimenya.

23 Kati, okufa, etteeka ery'okufa, bye biragiro ebyaweebwa ku Lusozi Sinaayi, ebyali bitegeeza omuntu nti mwonoonyi. Era, bwe yamenyanga etteeka lya Katonda, yafanga. Naye mu tteeka temwalimu bulokozi. Wabula . . . Lyali mupoliisi bupoliisi asobola okukusiba mu kkomera; naye nga teririna busobozi bwonna bukuggyayo.

Naye ate oluvannyuma n'Awa Etteeka eddala, ku Lusozi Kalivaaliyo, ekibi gye kyabalirwa ku Yesu Kristo, era eyo omutango ne gusasulibwa. Wabula nga si na . . . Awatali tteeka, "wabula walokolebwa lwa kisa," olw'ekisa kya Katonda, okuyita mu kwawulibwa okw'okumanyirawo kwa Katonda okw'ebintu nga tebinnabaawo bwe yakumanya nti olibaawo.

24 Kati tulaba amateeka gano abiri, Ekyamateeka Olw'okubiri, nga kyogera ku mateeka abiri. Waaliwo amateeka abiri. Erimu lyali tteeka lya kufa, nga eddala tteeka lya Bulamu.

25 Waaliwo n'endagaano bbiri ezaaweebwa abantu. Tujja kuzoogerako ku makya.

Emu ku zo yaweebwa Adamu nga eriko akakwakkulizo akagamba nti: "bw'onookola *kino* n'otakola *kiri*," naye eryo etteeka lyamenyebwa. Adamu, ne Kaawa eryo baalimenya, mu lusuku Adeni.

Katonda bwe yava awo n'akola endagaano ey'okubiri, n'agiwa Ibulayimu, era eryo etteeka teryaliko kakwakkulizo konna. "Ekikulu si ky'ekyo ky'okoze oba ky'olikola;" Yagamba, "Nnamala dda okukikola." Ekyo kye kisa. Eryo ly'etteeka ery'Obulamu. Eryo Katonda yalikolera Ibulayimu n'Ezzadde lye eriribaawo nga avuddewo, ekitegeeza nti, ezzadde lya Ibulayimu lyonna.

Nga Bayibuli bw'egamba nti, "Abaisiraeri bonna balirokolebwa," naye ekyo tekitegeeza Bayudaaya. Nga Pawulo bwe yagamba nti, "Omuyisiraeri oyo ow'omunda, oba Omuyisiraeri ow'okungulu." "Ow'okungulu," nga bwe twakyogerako ekiro kya luli, be baana ba Isaaka, abaazaalibwa okuyita mu kwegatta kw'omusajja n'omukazi. Naye etteeka lya Katonda lyali lya kuyita mu Kristo, eyali Ensigo ya Ibulayimu ey'Olulyo olulangira, kibeere nti, "olw'ekisa Isiraeri yonna

erokolebwa." Nga ekyo kitegeeza nti, "Abo bonna abali mu Kristo balokolebwa," bonna, endagaano ya Katonda ey'okubiri. Naye ebintu bino byonna byali bisiikirize ebyali byoleka Kristo.

26 Kati mwekkaanye olunyiriri olw'oku 2. Olunyiriri olw'oku 2 wano mu Ekyamateeka Olw'okubiri 16, "Onaasinzizanga mu kifo kye Nneerobozza." Kati Katonda olina kumusinziza, Yagamba nti, "Mu kifo kye Nneerobozza," si mu kifo omuntu omulala kye yeeroboza, wabula, "mu ekyo kye Nneerobozza."

Kati, Katonda bw'aba aliko ekifo kye yeeroboza, kitugwanidde okuzuula kye Yakyogerako. Ye kiri ludda wa? Njagala kukizuula, kubanga, amazima gali nti, njagala kumusinza.

Ffenna tuli wano, akawungeezi kano, kumusinza. Tutudde wano akawungeezi kano, nga mu ffe mulimu Abamesodisiti, Ababaputisiti, Abakatuliki, Abajulirwa ba Yakuwa, ab'enzikiriza ya Ssaayansi ow'Ekikristaayo, n'abalala ab'enjawulo, naye fenna tulina kye tunoonya.

Twagala kumanya Mazima. Bayibuli egamba nti, "Mulimanya Amazima, n'Amazima galibafuula ab'eddembe."

Ggwe nga omuntu, tosobola kumanya ky'okola, toyinza kumanya ngeri gy'olina kukolamu kintu okutuusa nga otegedde bw'olina okukikola; manyanga, obeera tomanyi kya kukola okutuusa nga otegedde bw'olina okukikola. Oteekwa okuba nga ky'okola okimanyi era nga omanyi bw'olina okukikola.

27 Kino kitulaga nti Katonda alina ekifo mw'Asisinkanira abamusinza, mu kifo ekimu. Era nga mu kifo ekyo, mwokka, Katonda mw'Asisinkanira abamusinza.

28 Kati, n'ekirala, mu kifo kye Yeeroboza eri abo abamusinza, Yagamba nti mw'Aliteeka Erinnya Lye. Kaakano leka tunoonye era twekebejje, mu Byawandiikibwa, tulabe wa ekifo kino we kiri. Kubanga mazima ddala, Katonda bw'aba yagamba nti Erinnya Lye Yali wa kuliteeka mu kifo kino kye Yeeroboza okusisinkaniramu abantu asinze wamu nabo. . . manya, bo nga bamusinza, manyanga, kitegeeza kirina we kiri mu Bayibuli, kubanga kyali kya mirembe gyonna.

29 Ate Katonda oyo omukulu atajjulukuka tasobola kukyuka. Omuntu ye akyuka. Naye mu kiseera kyonna obulamu bwo osobola okubwesigamya ku kintu kyonna Katonda kye yali ayogedde, kubanga gaba Mazima. Gabeera Mazima. Kubanga, ekyo ky'ekintu kyokka kye nsobola okwesiga, ye Bayibuli. Kubanga, ebigambo by'omuntu bijja kulemwa, naye Katonda ye asukkulumye.

Omwaka guno nteekwa okweyongerako ku kutegeera okusinga ku bwe nnali omwaka oguwedde. Naawe bw'otyo, oteekwa okweyongerako mu kutegeera kwo, buli lunaku. Ffe

tuliko ekkomo ku bye tumanyi, n'olwekyo bulijjo tubeera tweyongerako mu kumanya.

Naye ye Katonda taliiko kkomo. Taliiko kkomo. Na bwe kityo, nga bw'ataliiko kkomo, teyeeyongerako mu kumanya. Ye n'okusooka kwa byonna, atuukiridde. Buli ky'asalawo kirina okuba nga ddala kituufu.

30 Era engeri Katonda gye yakolamu omulundi ogwasooka, Ateekwa okukola mu ngeri y'emu lubeerera, bwe kitaba ekyo Abeera yakola ensobi omulundi ogwasooka. Bwe waba waali wabaddewo omuntu yenna ajja eri Katonda nga anoonya obulokozi, n'Amukkiriza nga asinziira ku ekyo, kitegeeza omuntu ateekwa okukkirizibwa buli mulundi gw'anajja nga asinziira ku musingi gwe gumu ogwo. Ddala bwe kiri. Bwe waba waali wabaddewo omuntu yenna ajja eri Katonda nti Katonda amuwonye, era Katonda n'abaako ne kw'asinziira okumukkiriza, n'omuntu omulala singa ajja, naye abeera Alina okumukkiriza mu ngeri y'emu, bwe kitaba ekyo Abeera yakola nsobi bwe yakkiriza omuntu eyasooka. Katonda yassaawo omusingi kw'Anaasinziira okusisinkana omuntu. Yassaawo omusingi gw'ekyo ky'Anaakola, n'engeri gy'Anaakikolamu, era nga omusingi ogwo kwali kuyita mu musaayi gwa mwana gwa ndiga ogwawebwayo nga ssaddaaka mu lusuku Adeni. Ekyo Katonda takikyusangako, yadde, omulundi ogumu.

31 Yasalawo engeri gy'Alirokolamu omuntu. Ffe leero omuntu tugezezzaako okukimutendekamu; tugezezzaako okubasomesa, tugezezzaako okubayigiriza, tugezezzaako okubakolamu ekibiina ky'eddiini, tugezezzaako okukola ebintu ebirala bino byonna; tubayingizza ne babeera kitundu ku ddiini, tubakutte mu ngalo mbu olwo ne bafuuka kitundu ku ddiini, tubabatizza mbu ekyo ne kibafuula kitundu ku ddiini, tukoze buli kimu kyonna ekisoboka, tubayingizza nga tubawa ebbaluwa z'obwammemba. Naye era, kisigala kye kimu, Katonda omuntu amusisinkanira wansi wa Musaayi gwa Mwana gwa ndiga ogwayiika. Omusaayi ye yali engeri ya Katonda gye yateekawo ku lubereberye, era Omusaayi ye ngeri ya Katonda n'ekiro kya leero. Kirungi okukola ebikolwa ebiraga nga bw'oboneredde wamu n'ebintu bino byonna, naye obulokozi bujja kuyita mu Musaayi mwokka. Omusaayi y'engeri yokka Katonda gye yeeroboza okulokolamu omuntu, era Tasobola kugikyusa.

32 Yobu naye yalina ekintu kye kimu. Yali akimanyi nti atuukiridde, kubanga yali awaddeyo ssa—ssaddaaka Katonda gye yali amwetaaza okuwaayo.

33 Kaakati, leka twekebejje tulabe ekifo kino kye kiri, era nga kye kifo mwe Yateeka Erinnya Lye. Kigenda kutwetaagisa okuzuula we Yateeka Erinnya Lye. Era kati, singa tunaazuula Erinnya lya Katonda ne we Yaliteeka, tujja kuba tufunye ekifo eky'okusinzizaamu ebyo kasita tunaabifuna.

Eky'amazima, ebintu bino byonna, byali bisiikirize bya bintu ebyali bigenda okujja. Byonna ebyali mu mateeka byali byoleka bintu byali bigenda kujja.

34 Nga omwezi bwe guli ekisiikirize ky'enjuba. Guweereza nga gwaka mu kiseera nga enjuba teriiwo, era nga n'Ekkanisa bw'erina okuwereeza mu kiseera nga O-m-w-a-n-a wa Katonda taliiwo mu buliwo. Mu kiseera nga Omwana taliiwo mu buliwo, Omusana omutono, nga y'Ekkanisa, abakkiriza, baweereza Katonda ne baakisa Ekitangaala nga Omwana wa Katonda taliiwo mu buliwo. Naye enjuba bw'evaayo, omwezi toddamu kugulaba, kubanga guba gugudde mu nnyanga. Enjuba ebeera tekyetaaga kitangaala kyagwo, kubanga tegulina kitangaala kyagwo ku bwagwo, wabula gukijja ku njuba. Kati, nga omwami bw'ali n'omukyala, n'enjuba bw'eri n'omwezi, n'Ekkanisa bw'eri ne Kristo.

35 Kati, tukiraba, nti ebintu bino byonna byali kisiikirize kya Kristo. Buli ssaddaaka, buli mbaga, na buli kimu ekyali mu Ndagaano Enkadde, byonna byali bisiikirize ebyali byoleka Kristo; nga ekisiikirize bwe kikolebwa ku ttaka. Kati, wano we tugenda okuzuulira ekifo ekituufu eky'okusinzizaamu, kwe kuddayo wano mu Ndagaano Enkadde we kyaweebwa twekkaanye ebintu bino kye byali.

36 Kati, ekisiikirize bwe kikolebwa ku ttaka, obeera osobola okutegeera oba nga musajja, oba mukazi, oba nsolo, oba kyonna kye kiba kiri, kubanga kibeera kikoze ekisiikirize kyakyo wansi. Era ekisiikirize nga bwe kyeyongera okuyimpawa, engeri ekisiikirize gye kiba ekifaananyi ky'ekintu kyennyini; kubanga tewayinza kubaawo kisiikirize kya kintu nga ekintu ekyo kyennyini tekiriiwo. N'olwekyo, ekintu kyennyini gye kikoma okusemberera ekisiikirize kyakyo, ekisiikirize kimiribwa ne kibulira mu kintu ekyo kyennyini mwe kibadde kiva. Ekisiikirize ne—n'ekintu ekyo kyennyini mwe kiva bikwatagana wamu, era ekyo ky'ekikifuula ekintu kyennyini ekibadde kirabisibwa mu kisiikirize.

Kati bwe kiba nti "ebintu byonna eby'edda," nga Bayibuli bw'egamba, "ebiri mu Ndagaano Enkadde, byali bisiikirize by'ebyo ebyali bigenda okujja," kitegeeza Kristo ye yali ekisiikirize eky'ebintu ebyali bigenda okujja.

37 N'olwekyo tusobola okulaba, nga tukozesa ebyaliwo mu Ndagaano Enkadde, ne tulaba We yeeroboza okuteeka Erinnya Lye, olwo ne tu . . . mu kaseera kano. Kati, nga ekisiikirize bwe kiri . . . bwe kikolebwa ku ttaka, nnagambye, kiba kifaananyi kya kintu, nga kikyoleka, bwe tutyo naffe, abasinza, naffe tusobola okulaba ebisiikirize eby'Endagaano Enkadde nga biggweerera okufuukamu ekintu kyennyini ekiri mu Mpya.

38 Kati, embaga zonna, ennaku ez'okuwummulirangako eza buli ngeri, weema zonna, emiti gyonna, buli kimu kyonna

ekyali mu weema, buli kimu kyali kyoleka Kristo. Ebiweebwayo byonna, amateeka gonna, buli kimu kyali kyoleka Kristo. Tuzze tubiyigako, emirundi n'emirundi, wano mu kkuŋŋaaniro.

Kati tukiraba, okuyita mu bino, nti buli kigunje, na buli kkanisa, na buli kibiina kya ddiini byonna bisigala mabega nnyo. Tebiri na mu lwookaano, yadde. Buli kigunje, buli kkanisa, buli kibiina kya ddiini, byonna tebirina we birabika yadde. Tewali wantu wonna we byogererwako.

39 Tewali kintu kyonna mu Ndagaano Nkadde, oba awantu awalala wonna mu Bayibuli, kyoleka kkanisa, okuggyako obumu obw'obuwaze obw'oku munaala gw'e Baberi. Ekyo ky'ekintu kyokka ekyoleka obumu. Kubanga, bwassibwaawo Nimuloodi, omusajja omubi eyagenda nga awaliriza amawanga gonna amatono okujja mu kifo kino ekimu n'omunaala guno omuwanvu ennyo. Weewaawo, kwali kusinza kwa ddiini, naye nga si kwe kukkirizibwa mu Kigambo kya Katonda. N'olwekyo awo ekifaananyi eky'enzikiriza ey'eddiini we kirabisibwa, ku munaala gw'e Baberi, mu Ndagaano Enkadde. Nga, enzikiriza eno weewaawo yali nzikiriza, wabula nga si nzikiriza ey'Ekigambo kya Katonda.

40 Katonda teyeerobozangako kibiina kya ddiini kyonna kubeera nti mw'aba ateeka Erinnya Lye. Njagala Ekyawandiikibwa ekikikakasa, bwe kiba gye kiri. Mmanyi bagamba mbu Yakikola, naye Takikolanga. Tayinza kuteeka Linnya Lye mu bifo bingi, kubanga Yagamba nti Erinnya Lye Yaliteeka mu kifo kimu. Era, ekifo ekyo ekimu, buli emu ku ddiini zaffe eyagala egambe nti bo ky'ekifo ekyo, naye ekyo kya bulimba.

Naye Erinnya Lye wa we Yaliteeka?

41 Kati, naye, Ye, Erinnya Lye y'ani, okusooka, kwa byonna? Kigenda kutwetaagisa okusooka okumanya (Erinnya) tulina okuzuula Erinnya Lya Katonda kye liri nga tetunnazuula kifo kiruwa mwe Yaliteeka.

Kati, tukiraba nti Yalina ebitiibwa bingi. Ayitibwa . . . Yayitibwa "Kitaffe," nga ekyo kitiibwa. N'ayitibwa "Omwana," nga nakyo kitiibwa. N'ayitibwa "Omwoyo Omutukuvu," nga nakyo kitiibwa. N'ayitibwa "Ekimuli kya Roza ekya Saloni," nga nakyo kitiibwa. "Eddanga ery'omu Kiwonvu," nga nakyo kitiibwa, "Emmunyeenye ey'oku Makya." "Yakuwa-yire, Yakuwa-rafa," amannya musanvu ag'obununuzi, ag'enjawulo, agategeeza ebintu eby'enjawulo, naye nga byonna byali bitiibwa. Ku gonna tekwaliko linnya.

Naye Alina Erinnya.

42 Bwe Yasisinkana Musa, Yali tannafuna Linnya, bw'atyo n'Agamba Musa nti, "NDI NGA BWE NDI." Era bwe tulaba Yesu ku nsi, nga ayogera mu Abaebbulaniya essuula ey'o 6 . . .

munsonyiweko, mu njiri y'Omutukuvu Yokaana essuula ey'o 6. Yagamba nti, "NDI NGA BWE NDI."

Ne bamubuuza nti, "Naye ddala, Ggwe Omusajja atannaba na kuweza myaka makumi ataano, Ggwe agamba nti 'walaba Ibulayimu'?"

43 Ye n'abaddamu nti, "Ibulayimu bwe yali tannabaawo, nga NDI." Ate "NDI" y'Oyo eyali, mu kisaka ekyali kyaka, y'Empagi y'Omuliro eyali mu kisaka ekyali kyaka omuliro mu nnaku za Musa, oyo "NDI NGA BWE NDI."

44 Era kati tukiraba nti n'ekirala, Yesu yagamba nti, "Nnajja mu Linnya Lya Kitange, naye ne mutansembeza." Kati ekyo kiba kitegeeza nti, Erinnya Lya Kitaffe liteekwa kuba nga ye Yesu. Bwe kiri. Erinnya Lya Kitaffe ye Yesu, kubanga Yesu bw'atyo bwe yayogera. "Erinnya Lya Kitange liri mu Nze. Nnajja mu Linnya Lya Kitange, naye ne mutansembeza." Kati ekyo kitegeeza nti, Erinnya Lye ye Yesu.

Ne Gabulyeri yamuyita Yesu, bannabbi baamuyita Yesu, era ddala Ye yali Yesu. Ne bwe Yali tannazaalibwa, ne nnabbi omutukuvu bwe yayogera Erinnya Lye yamuyita *Emmanweri*, ekitegeeza nti, "Katonda ali naffe." Kati awo kiba kitegeeza nti, "Katonda yalabisibwa mu mubiri, okusobola okuggyawo ebibi by'ensi," era, mu kukola ekyo, Yaweebwa Erinnya erya Yesu. N'olwekyo, Yesu lye Linnya.

Era Erinnya lyatuuzibwa mu Muntu; so si mu kkanisa, ssi mu kibiina kya ddiini, si mu kiyiiye, wabula mu Muntu! Erinnya Lye Yeeroboza kuliteeka mu Yesu Kristo. Kati tukiraba nti awo y'Aba afuuse ekifo kya Katonda eky'okusinzizaamu, mw'omusinziza.

45 Ne bwe Yali tannazaalibwa, Erinnya Lye yali ayitibwa Yesu. Erinnya eryo lyali nsonga nkulu nnyo, era okuyita mu Malayika Gabulyeri kyategeezebwa nnyina, nti Erinnya Lye yali wa kuyitibwa "Yesu, Omwana wa Katonda," ekyo kye Yali.

46 Kati awo, kiba kitegeeza nti tukizudde. Kye kino, kyokka. Kitegeeza, Ye yekka, ye kifo kya Katonda kye yeeroboza eky'okumusinzizaamu. Ekifo kya Katonda, kye yeeroboza. Katonda bwe yeeroboza aw'okusisinkanira omuntu; teyeeroboza kkanisa, teyeeroboza kibiina kya ddiini, teyeeroboza kiyiiye, wabula mu Kristo. Ekyo kye kifo kyokka Katonda mw'ajja okusisinkanira omuntu, era omuntu asobole okusinza Katonda, mu Kristo. Ekyo kye kifo kyokka. Si nsonga oba oli Mumesodisiti, oba oli Mubaputisiti, oba oli Mukatoliki, oba oli Mupolotesitanti, kyonna ky'oyinza okuba, waliwo ekifo kimu kyokka mw'osobolera okusinziza Katonda mu ngeri entuufu, era nga ekifo ekyo weewo munda mu Kristo.

Abaruumi 8:1, wagamba nti, "Kale kaakano tebaliiko musango abali mu Kristo Yesu, abatatambula kugoberera mubiri, wabula abagoberera Omwoyo." Eyo y'Enjiri.

47 Tusobola okwawukana mu biyiiye bye tukkiriza. Tusobola okwawukana mu ndowooza ez'obuntu mu ngeri gye tutegeeramu ebintu. Osobola okugenda mu kkanisa y'Abamesodisiti, ojja kuba Mumesodisiti; bw'ogenda mu y'Ababaputisiti, ojja kuba Mubaputisiti, bw'ogenda mu y'Abakatuliki; ojja kuba Mukatuliki. Naye kasita obatizibwa n'oyingira mu Kristo, n'ofuuka mmemba w'Omubiri Gwe, waba tewakyaliwo njawukana zonna. Ebisenge ebyawulamu bibeera bimenyeddwawo nga oli wa ddembe, kubanga oli mu Kristo Yesu. Era osinza Katonda mu Mwoyo ne mu Mazima bw'obeera mu Kristo Yesu. Nteekateeka ya Katonda gy'oli okumusinziza mu Kristo Yesu.

48 Kati, tewali kkanisa yonna ya kibiina kya ddiini eyinza kugamba nti yo kye kifo kino, tewali n'omu ayinza kugamba nti ye kye kifo kino. Nga weetantala otya okwegwanyiza ekintu eky'engeri eyo? Okukola ekintu nga ekyo guba mwoyo gwa mulabe wa Kristo, kuba kwewaggula kuva ku Kristo; kuba kumweggyako. Ekyo tosobola kukikola. Kristo ye kifo kyokka Katonda mw'asisinkanira abamusinza.

49 Ensangi zino, boogera. Mpuliddeko abantu nga baŋŋamba. Waliwo omusajja eyankubira essimu ebbanga ttono eriyise, okuva mu Beaumont, Texas. N'aŋŋamba nti, "Mw. Branham, erinnya lyo bwe liba nga mu kitabo ky'ekkanisa yaffe teririimu, tosobola kugenda mu Ggulu." Osobola okulowooza ekintu nga ekyo? Tokkirizanga kintu nga ekyo. Balowooza mbu olina okubeera mmemba w'ekkanisa eyo bw'oba toli mmemba waayo tosobola kugenda mu Ggulu. Ekyo kikyamu. Ekyo okukikkiriza, obeera mulabe wa Kristo. Era kino nkyogera nti: Bw'okkiriza omwoyo bwe gutyo, obeera wabula. Ako kaba kabonero kennyini ddala akalaga nti wabula, kubanga okwo kubeera kusambajja ekyo Katonda kye yakola. Katonda Erinnya Lye taliteekangako mu kkanisa yonna. Yaliteeka mu Mwana We, Kristo Yesu, Ye n'Omwana We bwe baafuuka Omu. Ekyo kye kifo ekituufu eky'okusinzizaamu. Tewali misingi mirala gyonna gyassibwawo, tewali lwazi lulala lwonna.

Ku Kristo, Olwazi olugumu, kwe nnyimiridde;
Awalala wonna musenyu ogukka.

Ebibiina by'amadiini bijja kusasika bigwe, amawanga gajja gusaanawo, naye Ye ajja kusigalawo emirembe gyonna. Omuntu tewali kifo kirala kyonna ky'asobola kuzuula, mw'asobola kusinziza Katonda, ne Katonda n'amwanukula, tewali kifo kirala kyonna okuggyako mu Kristo Yesu. Ekyo kye kifo kyokka, ky'ekifo kyokka Katonda kye yeeroboza okuteekamu Erinnya Lye, era ky'ekifo kyokka mw'Asisinkanira omuntu, omuntu okumusinza. Obeera obuze, bw'okkiriza ekirala kyonna.

50 Weetegereze, embaga z'Ekiyudaaya omusanvu zonna zaakuzibwanga mu kifo kimu. Embaga emu tebaagikulizanga

ludda *wano* nti eyo ya Bamesodisiti, ate endala *wano* eno nti eyo ya Baputisiti, ate endala ludda *wali* nti eyo ya Bapulesibeteriyani, n'endala ludda *wano* nti eyo ya Bakatoliki, n'endala nga ya Bapolotesitanti. Embaga zonna omusanvu zaakuzibwanga mu kifo kye kimu.

51 Ekyo kifaananyi kirungi nnyo ekirina kye kyoleka wano. Twakamala okuyita mu Mirembe Omusanvu egy'Ekkanisa, nga tugenda tulaga nti Emirembe Omusanvu egy'Ekkanisa gyonna Katonda yagikuumira mu Kigambo, kubanga buli mulembe gwa kkanisa gwabangako ekitundu ku Kigambo kye gwajjanga nakyo, era buli lwe gwakyanjulanga nga balaba Omusana.

Nga abantu abaasooka okuzuula okubatizibwa mu Linnya lya Yesu. Kiki kye baakola? Ate baamala ne bagunjaawo ekibiina ky'eddiini, era olwali okukigunjaawo ne kifiirawo. Olwo Katonda ne yeeyongerayo ku muntu omulala. Tajja kusigala yadde mu kimu ku bikwate ebyo n'ebiyiiye. Talina ky'abyetaaza. Katonda taliimu kuwabizibwa kwonna. Ekigambo kya Katonda kitukuvu, tekisaabuluddwa. Kristo y'entabiro y'okusinza Katonda. Ye Katonda.

52 Embaga zonna omusanvu zaali zirina kukuzibwanga mu kifo kino kimu. Embaga wali tosobola kugikuliza mu kifo kirala kyonna. Naye zonna omusanvu, kifo. . . Embaga omusanvu ez'omwaka zaalina kukuzibwanga mu kifo kimu. Na bwe kityo, n'Emirembe Omusanvu egy'Ekkanisa gyalina kusibuka mu kifo kimu, nga ekifo ekyo ye Kristo nga y'ayogera mu Mirembe Omusanvu gyonna egy'Ekkanisa. Ekyo ddala bwe kiri. Ekifaananyi ekyoleka, Emirembe Omusanvu egy'Ekkanisa, naye baagigunjaamu bibiina bya madiini.

53 Kati, leka tulabe ekifaananyi ekirala eky'eky'okulabirako nga tukyali ku nsonga eno, nga ekyo, ky'ekifaananyi eky'embaga ey'okuyitako, okwali kwoleka Yesu. Tulaba wano ssaddaaka ey'omusaayi okuyita mu kufa. Ssaddaaka ey'omusaayi kyali kifo ekyali kyoleka Kristo. Ddala ekibiina ky'eddiini kisobola okuvaamu omusaayi; ggwe olaba ekkanisa erina w'esobolera okuvaamu omusaayi, nga ekibiina ky'eddiini kivaamu omusaayi? Tekisobola. Gwalina kuba musaayi, nga gutiirika okuva mu bulamu. Era, obulamu, Yesu wano alabisibwa mu mwana gwa ndiga. Omwana gw'endiga gwali gukiikirira Kristo, era gwe gwayoleka Kristo, kubanga ye yali "Omwana gw'endiga gwa Katonda," Yokaana gwe yayanjula gwe yagamba nti, "aggyawo ebibi by'ensi." Yesu tumulaba nga alabisibwa mu kifaananyi, wano mu Kuva essuula ey'e 12.

54 Mulabeeyo, kye kyali ekifo kyokka okufa gye kwali tekusobola kutuuka. Okufa bwe kwali kunaatera okukka ku nsi, waalina okubaawo ekifo kimu; bonna abataali mu kifo ekyo baafa. Kyali ekifo kimu kyokka! Kati, ekyo tekitegeeza nti yali nnyumba emu; wabula waaliwo ekifo kimu, nga ky'ekyo omwana

gw'endiga gye gwali guttiddwa. Awo omusaayi gw'omwana gw'endiga we gwali, malayika w'okufa yali tasobola kukubawo, kubanga kye kyali ekifo kyokka Katonda mwe yali atadde Erinnya Lye. Era omwana gw'endiga ogwo gwali gwayogerwako emabega eri ku lubereberye, omwana gw'endiga. Wekkaanye, ekyo kye kyali ekifo kyokka we yali tayinza kukuba.

55 Ne ku mulundi guno kye kimu. Waliwo ekifo kimu kyokka okufa okw'omwoyo we kutasobola kukuba, nga ekyo kye Kigambo. Okufa tekusobola kukuba Kigambo, kubanga Kye Kigambo kya Katonda ekiramu.

Naye bw'okitabikamu ebikwate, nga Ekigambo Kyo kifuluma. Kijja kweyawulamu nga amazzi bwe geeyawula mu mafuta. Tosobola kubitabula wamu. N'olwekyo, mukiraba, ekikwate bwe kiyingira mu kibiina ky'eddiini, bonna bagoberera kikwate; nga Ekigambo kifa nga kivaayo, nga kibaako omuntu omulala gwe kyeyongerayo naye nga Kyeyongera okuyitimuka. Nga kiddamu kitojjera buto nate, nga bwe Kiva ku butabalibwako musango, okudda mu kutukuzibwa, okudda mu kubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu, nga kyeyongererayo ddala okutuuka mu Mpeke! Mulaba ekkubo Katonda mw'azze ayita? Nga aleeta Erinnya Lye, ku buli mulundi, mu ngeri y'emu, kubanga Ye Kigambo.

Mwekkaanye, Tekisobola kufa. Ekigambo ky'Obulamu tekisobola kufa.

56 Kati, mwetegereze engeri gye bifaananira ddala. Malayika w'okufa teyagaanibwako kukuba bakenkufu ba Misiri ab'ekitalo. Teyagaanibwako kukuba bifo byayo ebitukuvu, na bizimbe byayo eby'amaanyi, na bafalaawo baayo. Ka babeere, bakabona baayo, malayika teyagaanibwa kubatuukako. Yali asobola okukuba ekizimbe kyonna, ekifo kyonna, oba omuntu yenna, naye yali takkirizibwa kukuba kifo omwana gw'endiga mwe gwali.

Okufa tekuyinza kukuba wali kifo kya Katonda kino kye yassaawo, era nga awo kwe kubeera munda mu Mwana gw'endiga.

57 Wekkaanye, k'ebeere. . .k'ebeere Isiraeri oba bakabona baayo Abebbulaniya nabo teyagaanibwa kubakuba, ne, yadde ebibiina byabwe eby'amadiini. Bonna baalina kubeera mu kifo kya Katonda kye yeeroboza, kye yassaawo, ekitali ekyo battibwa.

58 Kkanisa, wonna w'oli, wonna w'ogwa, tewalina kye wakyusa. Naye, waliwo ekintu kimu ky'oteekwa okumanya, olina okubeera mu Kristo bw'oba tomuliimu oli mufu. Tosobola kulama nga oli bweru We. Ekkanisa yo eyinza okuba ennungi, yo nga ekizimbe; n'embeera yo ey'okukuŋŋaana eyinza okuba ennungi, nga ggwe omuntu. Naye bw'ogaana Omubiri, n'ogaana Omusaayi, n'ogaana Ekigambo kya Yesu Kristo, ofiirawo awo

wennyini oluba okukikola oti. Kye kifo kya Katonda kye yeeroboza eky'okumusinzizaamu. Omwo mwennyini, mwe muli Erinnya Lye. Omwo mwe yeeroboza okuteeka Erinnya Lye; si mu kkanisa, wabula mu Mwana, Yesu Kristo.

59 Wekkaanye, obukuumi bwali mu kifo ekyo kyokka kye Yeeroboza, mu mwana gw'endiga Gwe, ne mu linnya ly'omwana gw'endiga.

60 Mwekkaanye, yali ndiga "ennume", sseddume, so si enkazi. Teyali kkanisa, omukazi; wabula lyali Linnya Lye omusajja, si linnya lya kkanisa omukazi. We Yali agenda okusisinkanira abantu tewaali mu linnya lya kkanisa omukazi, wabula mu Linnya Lye omusajja, Ye, Omwana gw'endiga!

61 Kati tugenda ne tugamba nti, "Bannaaye ekkanisa, ekkanisa ennene, ey'amaanyi, yakola *kino* n'ekola na *kiri*. Eyise mu miyaga egy'enjawulo. Tweyongeddeko mu bungi bw'abantu. Kati tulina abantu bayitirivu. Tuli kkanisa ya maanyi. Kati ekkanisa ya maanyi nnyo."

Naye Katonda tayogerangako ku kintu kikazi ekkanisa. Yagamba, "Musajja." "Musajja," kye kifo aw'okusisinkaniranga, Omwana gw'endiga, so si kkanisa. Si linnya lya mukazi nga y'ekkanisa, wabula Linnya Lye omusajja. Erinnya ly'ekkanisa omukazi Talina wantu wonna we yaliteeka. Erinnya Lye yaliteeka mu "Ye omusajja"!

Y'ensonga lwaki, "Byonna bye tukola, oba mu kigambo oba mu kikolwa, byonna tuteekwa kubikolera mu Linnya lya Yesu Kristo." Bwe tusaba, tulina kusabira mu Linnya lya Yesu. Bwe tuba ba kwegayirira, tulina kwegayiririra mu Linnya lya Yesu. Bwe tutambula, tutambulira mu Linnya lya Yesu. Bwe twogera, twogerera mu Linnya lya Yesu. Bwe tubatiza, tulina kubatiriza mu Linnya lya Yesu Kristo. Kubanga, "Buli kyonna kye tukola mu kigambo oba mu kikolwa, tulina kukikolera mu Linnya lya Yesu Kristo."

62 Lumu waliwo omusajja eyaŋŋamba, bwe twali twogera ku nsonga eyo, n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, mukyala wange, si . . ." Yaŋŋamba nti, "Mukyala wange, erinnya lye ye *Gundi*." Omusajja oyo muweereza, ayinza n'okuba nga waali wano. Kati yaŋŋamba nti, "Mukyala wange," n'agamba nti, "Ayitibwa linnya lyange." Leka mmuyite *Jones*, kubanga yali tayitibwa Jones. Yagamba nti, "Kati, tekimwetaagisa kugolokoka buli ku makya, kukwata lweyo n'agamba nti, 'Kaakano njera mu linnya lya Jones, njoza ebintu mu linnya lya Jones, n'engoye nzikuba ebiraka mu linnya lya Jones.'" N'agamba, "Sirowooza nga kikwetaagisa okubaako erinnya lyonna ly'oyatula."

Ne mmugamba nti, "Nzikiriza kikwetaagisa okukikola." Bwe kiri.

N'aŋŋamba nti, "Nga, lyaki? Tekimwetaagisa kulyogera. Kubanga okusooka kwa byonna, buli kimu ky'akola kiri mu linnya lya Jones."

63 Ne mmugamba nti, "Naye tewagenda bugenzi ku luguudo n'omuggyayo, n'omugamba nti, 'Jangu eno, Jones.' Yalina, kusooka kukifuuka, okuyita mu mukolo, omukolo ogw'okugattibwa mu bufumbo olwo n'alyoka afuuka, 'Jones.' Bw'aba teyagattibwa naawe, muli mu bwenzi. N'olwekyo bw'obatizibwa mu ngeri endala yonna etali kubatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo, okwo kubatizibwa kwa bwenzi, okutali mu Bayibuli."

Kati, "Buli kye mukola mu kigambo oba mu kikolwa, mukikole mu Linnya lya Yesu." Oluvannyuma lw'ekyo, buli kyonna kye mukola! Naye okusooka, olina kufuuka kitundu ku Linnya Lye.

64 Mu kizimbe kino akawungeezi kano mulimu abakyala bangi abalungi, abakyala abalungi, abeesigwa; naye waliwo Muky. William Branham omu yekka. Y'agenda nange eka. Ye mukyala wange.

65 Mu nsi mulimu abantu abalungi, mulimu amakanisa amalungi; naye waliwo Muky. Yesu Kristo omu yekka, era oyo gw'Akomawo okutwala. Mu oyo Erinnya Lye mwe liri. N'okusinzibwa Kwe mwe kuli, mu Oyo era mu Ye yekka. Ekyo kituufu. O, yee, ssebo. Ekyo tukiraba nga kituufu.

66 Kati, eyo y'ensonga lwaki, ffe, "Kyonna kye tukola mu kigambo oba mu kikolwa, tukikola mu Linnya lya Yesu Kristo."

"Tewali linnya ddala wansi w'Eggulu lyatuweebwa ku lw'okulokolebwa, wabula Erinnya lya Yesu Kristo." Ebikolwa by'Abatume, essuula ey'oku 2, wagamba nti, "Mutegeere kino mwenna . . ." "Tewali linnya ddala eryatuweebwa wansi w'Eggulu omuntu mw'ateekwa okulokolebwa, okuggyako mu Linnya lya Yesu Kristo mwokka." Amiina. Ka nsuubire nti mukitegeera. Erinnya lya Yesu Kristo, buli . . .

Eggulu erisingayo waggulu lyatuumibwa Ye, "Ebiri mu Ggulu byonna byatuumibwa linnya lya Yesu," Bayibuli bw'egamba, "n'ebiri mu nsi byonna byatuumibwa linnya lya Yesu." N'olwekyo eryo lye Linnya lya Katonda lye yeeroboza ne mwe Yalituuza. Ekyo kye kifo Kye mw'asinzibwa, kiri mu Yesu Kristo. Kati, ekyo tumanyi nga bwe kityo bwe kiri, tewali kifo kirala wa kusinziza okuggyako mu Ye.

67 "Tewali linnya ddala wansi w'Eggulu lyaweebwa bantu, mwe bateekwa kuyita okulokolebwa." Erirye lye Linnya lya Katonda ery'obununuzi. Katonda alina erinnya erya Yakuwa-yire, Yakuwa-rapha. *Yakuwa-yire*, "Mukama asonyiwa ebibi byo byonna." *Yakuwa-rapha*, "Mukama awonya endwadde zo zonna." Yalina ebitiibwa bingi. Naye Alina Erinnya

ery'obununuzi limu lyokka, ery'omu lulyo lw'abantu, era nga eryo lye Linnya lya "Yesu." Eryo lye Linnya Lye, mwe Yeeroboza okuliteeka. Yaliteeka wa? Yaliteeka mu Kristo.

68 Amannya g'ekkanisa amalala gonna, ebikwate by'enzikiriza, ebitiibwa, byonna ebyo okubyesiga kuba kufa. Bw'oba nga ekkanisa y'Abamesodisiti gye weesize okukutwala mu Ggulu, wabula. Bw'oba nga Abapentekoote be weesize, ekkanisa y'Abapentekoote okukutwala mu Ggulu, wabula. N'ey'Ababaputisiti, n'ey'Abaluzalaani, n'ey'Abapulesibeteriyani, n'ey'Abakatuliki, n'endala yonna; bwe kiba nga amannya gaazo ge weesize, oba ebitiibwa byazo, oba ebikwate by'enzikiriza zaazo, wabula.

Kubanga, tosobola na kusinza okutuusa nga osoose n'oyingira mu kifo eky'okusinzizaamu. Amiina. Ekyo kye kifo kyokka Katonda mw'asisinkanira omusinza, kye kifo kye Yeeroboza okuteekamu Erinnya lye. Ebirala byonna, bw'obyesiga, ojja kufa. N'ekirala Ya . . .

69 Ekisiikirize ekirala ekyoleka Yesu wano, nnakisazizzaako wano omussittale, Ekyawandiikibwa. N'ekirala, Ya—Yayogerwako mu kisiikirize wano nti, "Teyalina kubaako kyakunenyezebwa." Ekifo mw'Ateeka Erinnya Lye, omwana gw'endiga guno gulina okuba nga teguliiko kyakunenyezebwa.

Kati, ddala kibiina kya ddiini ki oba nkola ki gy'oyinza okunokolayo egwanira kino; kkanisa ki, Bukatuliki, nzikiriza ezaawakanya Obukatuliki, nsinza ya Kiyudaaya, eriwa yonna? Nkola ki, ey'ekibiina ky'eddiini, gy'oyinza okugamba nti egwanidde ekyo nti, "teriiko bbala lyonna"? Zonna zaagaanibwa, ne zigobebwa!

Naye waliwo ekifo! Aleeruuya! Ekifo ekyo kiri mu Yesu Kristo. Mu Ye temuli kyakunenyezebwa kyonna. Taliiko kunenyezebwa kwonna.

Kino tosobola kukimuvunaana. Abantu bano bonna abagezaako okukikola, nga bagamba nga ekkanisa eyaabwe bw'eterina kya kunenyezebwa kyonna na *bino* byonna. Zonna ncaafu, bamenyi ba Kigambo, abaagazi, abaafaako ekitundu, Bannalawodiikiya, enzikiriza ezaagunjibwa, wabula nga si ge Mazima. Naye kw'ono ne Piraato yennyini, omulabe We, yagamba nti, "Simulabamu nsonga yonna emuvunaanya." N'omulabe We yennyini yawa obujulizi nti tewaliiwo nsonga yonna ya kumuvunaana. Tewali kibi kyonna ky'osobola kumuvunaana.

70 Yabuuza bakabona ab'ebiro Bye nti, "Ani ku mmwe ayinza okunvunaana ekibi? Ani ayinza okundaga nti Ndi mwonoonyi?"

Mbuuliraayo ekkanisa emu esobola okugamba nti tebakolangako kikyamu kyonna. Eky'amazima, tewali, yadde emu bw'eti, okuggyako eyo eyatemula n'ekola buli kikyamu

ekyali kikoleddwa, tewali yadde n'emu. Ate bwe bava awo ne beeyita . . . N'olwekyo tewaliiyo kifo kya Katonda kya kusisinkanirwamu kumusinza, mu kikwate kyonna yadde mu ddiini.

71 Mikwano gyange, sigenderera kulumya mitima gyammwe, naye nnina Obubaka bwe nvunaanyizibwako, era, Obubaka obwo bugamba nti, "Mufulume emivuyo gino!" Kati ate bwe mbagamba okugifuluma, nnaabatwala wa? Nnaabatwala mu Kkuŋŋaaniro lya Branham? Nalyo lirina ensobi nga endala zonna.

Naye waliwo ekifo kimu mwe nsobola okubatwala, gye munaabeerako obukuumi era mukuumibwe nga okufa tekusobola kubatuukako, era nga ekyo kwe kuyingira mu Yesu Kristo, ekifo kya Katonda eky'okumusinzizaamu. Ekyo kye kifo kye mbanjulira, akawungeezi kano, Katonda mwe yateeka Erinnya Lye. Gye Yasuubiza gy'Ajja okusisinkana na buli muntu ayingirayo, Asinzize wamu naye era abeere n'ekijjulo wamu naye, ekifo ekyo ye munda mu Kristo; si mu kkanisa n'emu, si mu kkuŋŋaaniro n'erimu.

Wabula, mu Kristo, Ye Yeekaalu ya Katonda. Ye kifo Katonda mwe yajja, Ye mwene, n'abeera mu Ye. "Ono ye Mwana Wange omwagalwa, gwe Nsanyukira okutuulamu." Omwo Katonda mwe yatuula mu mubiri, n'aleeta Erinnya Lye, n'alissa, ku Yesu Kristo. N'olwekyo, Erinnya Lye lyatuuzibwa mu Muntu, Omwana We, Yesu Kristo, mwe Yatuula mu mubiri, mu Yeekaalu eyo yennyini.

Nga, mu kifaananyi eky'ekyokulabirako eky'ekyo ekyali eky'okujja, Yerusaalemi eri ey'edda, embaga ez'edda, yeekaalu enkadde, byali kifaananyi ekyali kyoleka; omukka bwe gwayingira, ku lunaku essanduuko lwe yayingira, ey'endagaano, n'essibwa wansi, Eddoboozi lya Katonda ne liwulirwa nga ligivaamu.

Na bwe kityo n'Eddoboozi lya Katonda lyawulirwa, nga liyingira mu Yeekaalu, Yesu Kristo; nga, eri Ey'edda (ey'omubiri) yali kifaananyi era kisiikirize ky'Empya. Era bwe Yajja mu Kristo, Yagamba nti, "Ono ye Mwana Wange Omwagalwa gwe nsanyukira okutuulamu. Era Ndyeroboza ekifo we Ndituuza Erinnya Lyange, era we Nnaasisinkaniranga omuntu, era mwe Nnaasinzibwanga." Katonda ekifo ye yakyeroboza; teyakyeroboza mu kkanisa yonna ya kibiina kya ddiini, wabula mu Yesu Kristo. Yee, ssebo.

72 Ateekwa okuba nga n'ekirala "taliiko kya kunenyezebwa," nga bwe nnagambye. Ekyo tewali kibiina kya ddiini kyonna kiyinza kugamba nti tekiriiko kya kunenyezebwa. Bwe bakikola; babeera balabe ba Kristo.

73 Kati tulaba wano, nate mwekkaanye ekisiikirize ekyali kimwoleka. O—omwana gw'endiga gulina okukuumibwa. Kati,

kino kisangibwa mu Okuva 12, bw'oba ow'okukiwandiika, Okuva 12:3 okutuuka ku lw'o 6. Omwana gw'endiga gwalina okukuumibwanga okumala ennaku nnya, nga gwekebejjebwa, okulaba oba gusaanidde okuweebwayo nga ssaddaaka. Gwalina okutwalibwa, ne gwekebejjebwa emirundi n'emirundi, okumala ennaku nnya, okulaba oba guliko obulema bwonna, okulaba oba gulimu obulwadde bwonna, okulaba oba nga omwana gw'endiga ogwo guliko ekikyamu kyonna. Gwalinanga okukuumibwa okumala ennaku nnya.

74 Kati, mulabeeyo. Abamu ku mmwe muyinza okulowooza nti ako kaali kaseera katono nnyo, guttibwa ku lunaku olw'ekkumi n'ennya. Naye, mujjukire nti, omwana gw'endiga ogwo baagutwalanga ku lunaku olw'ekkumi olw'omwezi, ne bagutta ku lunaku olw'ekkumi n'ennya, mulaba, nga kitegeeza gwakuumibwanga okumala ennaku nnya.

75 Kati, Yesu, Omwana gw'endiga, ogwalimu Erinnya lya Katonda, yayingira mu Yerusaalemi n'atafulumayo okutuusa oluvannyuma lw'okufa Kwe, n'okuziikibwa, awamu n'okuzuukira. Yakuumirwa mu mikono gy'abakolokosi okumala ennaku nnya n'ebiro bina. Omwana gw'endiga ogwo nga gwayolekebwa ddala nga bwe kyalina okuba, ne gukuumibwa okumala ennaku nnya. Awo Piraato we yagambira nti, "Ssimulabamu nsonga yonna emuvunaanya."

76 Ekisiikirize ekirala ekyali kimwoleka, tewali ggumba lyonna lyali lya kumenyebwa mu magumba Ge, era ekyatuukirira, bwe bataakikola. Mu kutta ssaddaaka, baali tebalina kubaako ggumba lyonna lye bamenya. Bwe kyabangawo, yagaanibwanga. Ennyondo baali n'okugiggyayo bagiggyeeyo okumenya amagumba mu bigere bya Kristo, naye ne bagamba nti, "Yafudde dda." Ne bamufumita mu mbiriizi ne basangamu Omusaayi n'amazzi.

77 Mulabe n'ekintu ekirala ekikulu wano. Siyinza kukibuusa maaso, kubanga Yalagibwa ne mu biweebwayo, mu kiweebwayo eky'obutta.

Nzijukira lumu baalina essomero, mu Bayibuli, eryali liyitibwa essomero lya bannabbi, era lyali ssomero ddungi nnyo. Kati tukiraba nti lumu Eriya yagendako mu ssomero eryo, ne bamugamba nti, "Ffe . . ." Ne bamwegayirira abaviire, nga bagamba nti, "Bw'obeera wano, ebintu bizibuwala." Bwe batyo nga baagala abasegulire.

Ne bafuluma ne bagenda okumutegekera eky'okulya. Ne wabaawo ekibinja kya bakabona ne bagenda, manyanga bannabbi, ne bagenda okunogayo ku kawo, okumutegekera eky'okulya. Era bwe baagenda, ne bakuŋŋaanyaayo enva eziwerako nga z'oyinza okusitulira mu kifuba; naye bwe baakomawo, ne basanga nga mutabikiddwaamu n'amaboga ag'omu nsiko, agaali gatta, nga nago gaasuuliddwa mu ntamu.

Entamu bwe zaatokota, ne ba, ne wabaawo, agamba nti, "Woowe, mu ntamu mulimu okufa. Kati tetusobola na kulya."

Awo Eriya n'abagamba nti, "Mundeetereyo olubatu lw'obutta." N'akwata obutta n'abusuula mu ntamu, n'abagamba nti, "Mulye. Entamu ewonyezeddwa."

78 Obutta obwo yali Kristo. Enjola z'emmengo ezisa zonna zaalina okutegekebwa nga zonna zenkanankana, era buli kaweke ka butta kaalina okuseebwa kyenkanyi, olw'ekiweebwayo eky'obutta. Nga kiraga nti Ye Muwonya. Akyusa, n'aggyawo okufa, n'ateekawo Obulamu; okuyita mu mateeka abiri. Aleeruuya! Mu kifo kye kimu, awali okufa; Kristo bw'ajja, Obulamu bujja. Y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Era awo okufa we kwali, waafuuka Obulamu, kubanga Kristo yayingizibwawo, ekiweebwayo eky'obutta.

79 Ebintu bino nga byandibadde kyakuyigako kya maanyi nnyo singa tubadde n'obudde okubigenda mu buziba! Kati mulabeeyo, tewali kigambo yadde n'ekimu bwe kiti ku bisiikirize ekitaatuukirira. Tewali kigambo n'ekimu ekitaatuukirira, ku byali mu bisiikirize. Buli kimu kyayolekera ddala ekyo kyennyini ekyalina okutuukirira.

Ye kifo kya Katonda kye yeeroboza eky'okumusinzizaamu, era Erinnya lya Katonda Ye gwe lyaweebwa. Ye kifo kya Katonda eky'okumusinzizaamu, era Erinnya lya Katonda Ye gwe lyaweebwa. Ye Kigambo kya Katonda, era Ye Linnya lya Katonda. Ye byombi ye Kigambo kya Katonda era Erinnya lya Katonda. "Y'eyali Ekigambo nga kyambadde omubiri." Y'eyali Ekigambo kya Katonda, Omwana gw'endiga gwa Katonda, Erinnya lya Katonda, era y'eyali Katonda. Ky'ekyo kye Yali, ekifo kyokka ekyerobozebwa okusinzizangamu Katonda.

80 Era Katonda agaana ebifo ebirala byonna okuggyako mu Yesu Kristo; tosobola kumusinziza walala wonna. Yagamba nti, "Bansinziza bwereere, nga bayigiriza amateeka g'abantu nga Enjigiriza." Leero tulina ebikwate eby'enjigiriza, ebiyiiye, na buli kimu, ebiyigiriza nti *lino* ly'ekkubo oba *liri* ly'ekkubo.

So nga Yesu yagamba nti, "Nze Kkubo, Amazima, n'Obulamu, era tewali muntu yenna asobola kujja eri Katonda okuggyako nga ayise mu Nze." Amakulu nti, "Nze Luggi oluyingira mu kisibo ky'endiga. Abalala bonna babbi." Ye w'okuyitamu yekka. Ye Luggi. Ye Kkubo, Amazima, n'Obulamu, ye buli kimu; ye we wayingirirwa wokka, ye kifo kyokka, y'asinzibwa yekka, y'Erinnya lyokka.

Buli kintu kyetooloolera ku Yesu Kristo. Endagaano Enkadde yonna yetooloolera ku Ye. Endagaano Empya yetooloolera ku Ye. Era Ekkanisa leero yetooloolera ku Ye, okuyita mu Kigambo ky'ekiragiro Kye. Tewaliiyo kifo kirala kyonna, yadde Erinnya eddala lyonna, yadde awantu awalala wonna, Katonda we yali asuubizza okusisinkanira omuntu;

okuggyako mu Yesu Kristo mwokka, ekifo Kye kye yeeroboza eky'okumusinzizaamu.

81 Mwekkaanye, Katonda abamusinza yabasuubiza kubasisinkanira mu kifo kino mwokka, era nga Ye kennyini Ye yakyeroboza; si ffe twakironda ku bwaffe, tekwali kulowooza kwaffe; wabula kwali kulowooza Kwe, kweroboza Kwe. Nga kye kijja okuba ekifo mw'Anaateeka Erinnya Lye, we Yeeroboza. Kati tukiraba nti tuzudde Erinnya Lye mwe lyali, we Yeeroboza, okuyita mu kweroboza Kwe Mwene.

82 Kati nga bwe tuzudde ekifo mwe Yateeka Erinnya Lye, nga weewo, mu Kristo Yesu, era tewali kifo kirala kyonna, yadde erinnya eddala, ekyo temukyakirinamu kakunkuna? Muddeemu nti, "Amiina." [Ekibiina kiddamu, "Amiina."—Omuk.] Kati, ensonga eri nti, bwe tuba tuzudde ekifo we kiri. . . Ekifo eky'okusinzizaamu si walala wonna okuggyako, mu Kristo mwokka.

Osobola okwenenya, ekyo osobola okukikola, naye obeera tonnatandika kusinza. Obeera okyasaba busabi kusonyiyibwa. Peetero yagamba . . .

Ku lunaku lwa Pentekoote, bwe baabalaba nga bonna boogera mu nnimi, nga obubonero n'ebyamagero bikolebwa, ne batandika okubasekerera, bannakkanisa nga be bakikola, ne bagamba nti, "Bano abasajja omwenge gwe batamidde musu. Beeyisa nga abatamiivu. E. . . " Malyamu embeerera, n'abalala, bonna baali wamu, baali kikumi mu abiri. Era baali batagala nga abatamiivu, nga bwe bagenda boogera mu nnimi, bwe batyo. Ne bagamba nti, "Bano abasajja omwenge gwe batamidde musu."

83 Naye Peetero, n'ayimirira, n'abagamba nti, "Abasajja era ab'oluganda, bano abasajja tebatamidde mwenge musu, kubanga eno y'essaawa ey'okusatu ey'olunaku. Wabula kino ky'ekyo ekyayogerwa nnabbi Yoweeri nti, 'Awo olulituuka mu nnaku ez'oluvannyuma, bw'ayogera Katonda, Ndifuka Omwoyo Wange ku bonna abalina omubiri; batabani bammwe ne bawala bammwe baliragula; ne ku bazaana n'abaddu Bange Ndifuka Omwoyo Wange. Ndyolesa obubonero mu ggulu waggulu, ne ku nsi; omuliro, empagi z'omuliro, n'okunyooka kw'omukka. Awo olulituuka, Olunaku olwa Mukama olukulu olw'entiisa bwe luliba terunnatuuka, buli alikoowoola Erinnya lya Mukama alirokolebwa.'"

84 Bwe baawulira ebyo, ne balumizibwa mu mitima gyabwe, ne bababuuza nti, "Abasajja ab'oluganda, tukole tutya?"

85 Peetero n'abagamba nti, "Mwenenye buli muntu mu mmwe, mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako ebibi byammwe, munaaweebwa ekirabo nga ye Mwoyo Omutukuvu. Kubanga ekisuubizo kya mirembe gyonna egirijja." Kati ekyo tukirabye.

86 Kaakati twagala tulabe engeri gye tuyingira *munda* mu Ye. Tuyingira tutya mu kifo kino eky'okusinzizaamu? Abakkolinso Ekisooka 12, ekyo kikyanukula, kubanga, "Ku bw'Omwoyo omu!" Si ku lwa kkanisa emu, si ku lwa kikwate kimu, si ku lwa musumba omu, si ku lwa mulabirizi omu, si ku lwa kabona omu. Naye, "Ku bw'Omwoyo Omutukuvu omu ffenna tubatizibwa okuyingira mu Mubiri gumu," nga gwe Mubiri gwa Yesu Kristo, era tugwanyizibwa buli kirabo ekiri mu Mubiri ogwo. Yee, ssebo! Tewali bya kwegattako bwegassi, tewali bya kudiŋŋana bikwate bya nzikiriza, tewali bya kusuukundibwa, tewali bya kusuulibwa wansi, tewali bya kukwata mu ngalo, oba ekintu ekirala kyonna. Naye, okuyita mu Kuzaalibwa tubatizibwa okuyingira mu Mubiri gwa Yesu Kristo! Amiina. "Ku bw'Omwoyo Omutukuvu omu ffenna tubatizibwa okuyingira mu Mubiri gumu."

87 Era Omubiri ogwo kye ki? "Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'aba Katonda. Era Kigambo n'afuuka omuntu n'abeerako gye tuli." Tuyinza tutya okubeera mu Mubiri ogwo ate ne tubaako yadde Ekigambo ekimu bwe kiti ku Gwo kye tugaana, oba ne tubaako awantu awamu gye tukisindiikiriza nga tugamba mbu Tekiri na mu Mubiri ogwo? Tuyinza tutya okukikola? Ekifo kya Katonda kye yeeroboza!

88 Wekkaanye, era bw'oba nga ddala wabatizibwa okuyingira mu Ye, obukakafu obwa nnamaddala buli nti omukkiriza Ye, Kigambo.

Oyinza otya okubeera ekitundu ku Ye ate n'omwegaana? Nnyinza ntya okwegaana omukono gwange ne ŋŋamba nti si mukono gwange? Bwe waba . . . Ssinga nkikola, mbaako ekikyamu ku bwongo. Kati nnyinza ntya? Bwe kiba nga obwongo bwange bubaako ekikyamu, ssinga guno ngwegaana ne ŋŋamba nti si mukono gwange, na kino ne nkyegaana nti si kigere kyange, kitegeeza wabaawo ekikyamu mu mwoyo ku mukkiriza eyeegaana ekitundu kyonna ku Kigambo Katonda kye yali ayogedde era kye yali asuubizza. Waliwo ekikyamu mu mwoyo ku muntu oyo eyeeyita omukkiriza.

89 Tosobola kubaako yadde ennukuta emu bw'eti ku Ye gy'osambajja, kubanga obeera ofuuse kitundu ku kintu kye kimu ekyo. Obeera oli kitundu ku Ye, kubanga wabatizibwa okuyingira mu Ye; ku, bw'Omwoyo Omutukuvu nga akuyingizza mu Mubiri gwa Yesu Kristo. Nga kintu kirungi nnyo!

90 Katonda yalina ekifo awantu awamu we Yasisinkana—we Yasisinkananga Ibulayimu, era awo Ibulayimu we yamusinzizanga. Okuyita mu Ndagaano yonna!

Era Ekigambo Kye ekyasuubizibwa kijja kuvvuunulirwa mu ggwe, nga Ye y'akivvuunula. Ekyo mukitegeedde? Ekigambo kye Yasuubiza okutuukiriza mu kiseera ky'olimu: ojja kubeera

bbaluwa ya Katonda empandiike esomebwa abantu bonna. Si ekyo kye weeyita, wabula ekyo Katonda ky'akola okuyita mu ggwe, kijja kwogerera waggulu nnyo okusinga ekintu ekirala kyonna ky'oyinza okweyita. Katonda yagamba nti, "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza." Ekyo nga kyogerera mu ggwe.

91 Yayogera ku mulembe guno, n'ebyo eby'okubaawo mu kiseera kino. Abakkiriza ab'omulembe guno Kino balina okukikkiriza, kye Yasuubiza okubaawo mu kiseera kino. Nga bali bwe baalina okuyingira mu kyombo, okulokolebwa; nga bwe baalina okufuluma Misiri okulokolebwa; ne bano balina okuyingira mu Kristo, okusobola okulokolebwa mu kiseera kino, bayingire mu Bubaka obw'Ekigambo, obugamba nti Abeera bumu jjo, leero n'emirembe gyonna.

92 Omuyingiramu otya? Nga obatizibwa! Nga obatizibwa na ki, n'amazzi? Nga obatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu! "Omwoyo omu, ffenna tubatizibwa okuyingira mu Mubiri guno gumu."

93 Era Ekigambo Kye ekyasuubizibwa, Tagenda . . . Tekijja kukwetaagisa kukivvuunula. Ye ajja kukivvuunula okuyita mu ggwe; okuyita mu ebyo by'okola, bye Yasuubiza okukola. Ekkanisa emugoberera ejja kuba emufaananira ddala okutuusa n'abantu lwe banaakimanya.

Tunuulira Peetero ne Yokaana bwe baabuuzibwa akana n'akataano ku by'okuwonya omusajja eyali ku mulyango ogwayitibwanga Omulungi. Baagamba nti, "Baabategeera," bakabona abo nga be bagamba, "nti bombi baali bantu abaali tebamanyi kusoma era abataayigirizibwa nnyo," naye baabekkaanya nga baali wamu ne Yesu. Kubanga, (lwaki?) baali bakola ebintu bye Yakola.

94 Ateekwa kubeera ku mulimu gwa Kitaawe. Ne leero bwe kirina okuba.

95 Kati, mujjukire nti, Abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna; kubanga Katonda mu Ye mw'akusisinkanira, ekifo kyokka ekiriwo; kubanga omwo mwe Yeeroboza okuteeka Erinnya Lye, mu Yesu. "Yesu" lye Linnya lya Katonda. Mujjukire nti, Kitaffe, Omwana, Omwoyo Omutukuvu, byonna bitiibwa bya Linnya "Yesu Kristo."

96 Matayo bwe yagamba nti, "Kale mugende, muyigirize amawanga gonna, nga mubabatiza okuyingira mu Linnya lya Kitaffe, n'Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu."

Leero nga kivvuunuddwa mu ngeri enkyamu, ne bagamba, "Mu linnya lya Kitaffe, linnya lw'Omwana, linnya ly'Omwoyo Omutukuvu." Tekirina na we kiwandiikiddwa. Kiri, "Mu Linnya," limu, "erya Kitaffe, Omwana, Omwoyo Omutukuvu." *Kitaffe* si linnya, *Omwana* si linnya, *Omwoyo Omutukuvu* si linnya; kitiibwa butiibwa.

Nga wayiseewo ennaku kkumi, Peetero yayimirira n'agamba nti, "Mwenenye, buli omu ku mmwe, mubatizibwe mu Linnya Yesu Kristo." Kati olwo yakola kye Yamulagira okukola? Yakola kye Yamulagira okukola. Erinnya lya Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu, ye "Mukama waffe Yesu Kristo." Buli muntu mu Ndagaano Empya yabatizibwa mu Linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo.

97 Tewaliiyo muntu yenna mu Bayibuli yabatizibwa mu bitiibwa bya Kitaffe, Mwana, Mwoyo Mutukuvu. Ekyo tekyaliwo okutuusa ekigunje ky'enzikiriza eky'e Nikyeya lwe kyagunjibwaawo e Nikyeya, mu Rooma. Kyali kiragiro ekereziya Katolika, kye yatandikawo, n'eyongera n'ekikkaatiriza, mu katekiisimu. Nkirina, ddala bwe kigamba, mu kitabo ekiyitibwa *Ebikulu Ebikwata Ku Nzikiriza Yaffe,* ne mu bitabo ebirala, nga bikakasizza ddala nti eyo nzikiriza ya Bukatuliki bw'e Rooma eyagunjibwa obugunjibwa. Bajja kukugamba nti mu Bayibuli tekiriimu; naye bagamba mbu Ebigambo ebyo balina obuyinza okubikyusa, ssinga babeera baagadde, olw'okuba balina ppaapa. Ekyo sikkiriziganya nakyo.

Yesu Kristo abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. "Era oyo yenna aliggyamu yadde Ekigambo ekimu bwe kiti okuva mu Bayibuli eno," Yesu bw'atyo bwe yagamba, "oba alyongeramu yadde ekigambo ekimu kiti mu Yo, omugabo gwe guliggyibwamu mu Kitabo ky'Obulamu." Ekigambo kimu kyokka; ssi sentensi, oba akatundu, wabula Ekigambo kimu! "Oyo yenna alitoolako Ekigambo kimu . . . "

98 Ku lubereberye, Katonda abantu Be yabateekako bbugwe w'Ekigambo Kye. Ekigambo kimu kyokka, ekyavvuunulwa obubi, kye kyavaako buli kufa kwonna, buli kulumwa mutima kwonna, buli nnaku yonna. Kaawa, teyamenya sentensi nnamba; yamenya Kigambo kimu kyokka. Yesu bwe yajja mu makkati g'Ekitabo . . . Kiri kyaliwo Ekitabo gye kitandikira.

Yesu bwe yajja mu makkati g'Ekitabo, Yagamba atya? "Kyawandiikibwa nti omuntu taabenga mulamu na mmere yokka, wabula na buli Kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda."

Ku nkomerero Ekitabo gye kiwunzikira, Okubikkulirwa essuula eya 22, olunyiriri olw'e 18, ekitundu kya Bayibuli ekisemberayo ddala, Yesu ayogera Ye kennyini, n'agamba nti, "Ntegeeza nti omuntu yenna ssinga aliggyamu yadde Ekigambo ekimu bwe kiti mu Kitabo kino, oba n'agattako ekigambo ekimu bwe kiti ku Kyo, omugabo gwe guliggyibwa mu Kitabo ky'Obulamu," kubanga abeera nnabbi wa bulimba era abeera awubizza abantu, era omusaayi gwabwe gulimubalibwako, olw'okukikola.

99 Tulina kukuuma kifo kimu kyokka ekyo eky'okusinzizaamu, nga ekyo, ye Yesu Kristo Ekigambo, abeera omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Amiina. Kale. Jjukira nti, tewaliiyo kifo

kirala kyonna kya kusisinkanirwamu kusinza, tewaliiyo kifo kirala kyonna. Katonda ye yakyeroboza.

100 Yokaana, emabega eri Endagaano Empya n'Enkadde we zikwataganira. Kati muwulirize bulungi. Mwekkaanye n'obwegendereza. Yokaana, empungu eyo ey'ekitalo, lumu yajja ebuuka okuva mu ddungu, nga eyanjuluzza ebiwawatiro byayo ebinene. N'ekka ku lubalama lw'omugga Yoludaani, nnabbi empungu ey'ekitalo eyassaawo olutindo wakati w'Endagaano Enkadde n'Empya, n'abakoowoola okuva ku ddyo ne ku kkono. Yali alangirira kiseera kya kwenenya.

Abafalisaayo n'Abasaddukaayo bwe bajja; n'abagamba nti, "'Temugezaako okwogera mu mitima gyammwe mbu, 'Ffe Ibulayimu ye jjajjaffe,' kubanga mbagamba nti okuva mu mayinja gano Katonda asobola okuyimusizaamu Ibulayimu abazzukulu." Oh, bannange!

Bwe yatandika okulangirira Enjiri ye, n'agamba nti, "Waliwo Omuntu ayimiridde mu mmwe, gwe mutamanyi. Nange sinnamutegeera, naye nja kumutegeera bw'Anajja. Sisaanidde na kusumulula lukoba lwa ngatto Ye. Naye Alibabatiza n'Omwoyo Omutukuvu n'Omuliro. Era olugali Lwe luli mu mukono Gwe; Alirongooseza ddala egguuliro Lye, n'ebisusunku Alibyokya n'Omuliro ogutazikira."

101 Nga empungu eyo ey'ekitalo ey'Enjiri eri awo, nga bw'ewulugumira waggulu n'entiisa yaayo ey'ekitalo. Awo ebibi ebyali mu nkukutu ne bimanyika, manyanga Kerode, eyali omukulu w'ettwale mu kiseera ekyo, omulangirizi, eyawasa muka muganda we. Kati ddala osobola okukubamu akafaananyi empungu eyo ey'ekitalo ey'Enjiri okutuula awo n'esirika busirisi nga ekyo kigenda mu maaso?

Abamu ku bo baamugamba nti, "Bannaaye tekakutanda n'obuulira ku kufumbiriganwa n'okwawukana, Yokaana, kubanga Kerode wuuyo waali."

102 Yatambula butereevu n'agenda amwesimba mu maaso n'amugamba nti, "Kimenya mateeka ggwe okubeera n'omukazi ono." Ddala bwe kiri!

Kiki, kye, yali? Ye yali empungu eri eyava mu ddungu. Yali teyatendekebwa wansi wa kutiisibwatiisibwa na kukangakangibwa kwa buntu, okw'eddiini yonna. Naye yali yatendekebwa wansi w'amaanyi ga Katonda Omuyinza w'ebintu byonna, okutegeera ekyali kigenda okubaayo. Yali amanyi ekyali kirina okwawula Masiya ku balala bonna.

Aleeruuya! Ekyo ekigambo kitegeeza nti, "Katonda waffe atenderezebwe!" Temutya. Ssirina muntu yenna gwe nnaalumizza. Sikyamuukiridde bukyamuukirizi. Wendi ntegeerawo bulungi.

O, bwe mmulowoozaako, empungu eyo ey'ekitalo nga bw'ebuukira erudda eyo oluvannyuma n'ekka wansi! Yagamba nti, "Nja kumutegeera bw'Anajja."

103 Lumu yali ayimiridde awo, abuulira. Bakabona baali ku ludda luli olulala, ne bamubuuza nti, "Ky'otegeeza nti ekiseera kijja kutuuka ssaddaaka eya buli lunaku eggyibwewo; ne yeekaalu eno ey'ekitalo gye twazimba, n'okufuba kwonna kwe tutaddemu, ffe eddiini ennene eyenkanidde wano?"

N'abagamba nti, "Ekiseera kijja ebyo byonna lwe biriggyibwawo."

"Ekyo tekisoboka. Oli nnabbi wa bulimba!"

104 Ne yeetoolooza amaaso. N'agamba nti, "Laba, Wuuyo! Kiikyo ekifo kya Katonda kye yeeroboza eky'okumusinzizaamu. Wuuyo Omwana gw'endiga, Omwana gw'endiga yennyini aggyawo ebibi by'ensi." Teyagamba nti, "Wuuyo Omumesodisiti, wuuyo Omubaputisiti, oba Omukatuliki." Yagamba nti, "Wuuyo Omwana gw'endiga gwa Katonda aggyawo ebibi by'ensi."

Ekifo kyokka omuli obukuumi kwe kubeera mu Mwana gw'endiga gwa Katonda ogwo. Mu Ye yekka mwe muli obulokozi; si mu kkanisa yonna, si mu kigunje kya nzikiriza kyonna, si mu muntu yenna, si mu taata yenna, si mu maama yenna, si mu mutukuvu yenna, oba ekintu ekirala kyonna, oba ekifo ekitukuvu. Naye buli mu Katonda Omutukuvu, Mukama waffe Yesu Kristo, Katonda mwe yateeka Erinnya Lye mu Muntu, olw'obununuzi, Eyawaayo omutango ku lwaffe aboonoonyi. Ekyo kye kifo kyokka awali obulokozi. Olwo lwe Lwazi kwe nnyimiridde.

105 Yokaana yamutegeera. Yagamba nti, "Ssaamutegeera bwe nnamulaba nga Ajja asembera, naye okuva eri gye nnafunira okutendekebwa kwange . . ." Teyakufunira mu sseminaaliyo nga kitaawe gye yakufunira; teyatendekebwa butendekebwa, nga kabona bw'atendekebwa. Wabula yakufunira mu ddungu, gye yali mu sseminaaliyo ya Katonda Omuyinza w'ebintu byonna, nga alindirira Ekigambo kya Katonda; si ebigambo ebyali byagunjibwaawo ekibinja ky'abasajja abamu, wabula ekyo Katonda kye yali Yamwogerako. Era Yokaana olwatunula waggulu n'alaba Omwoyo nga ajja, n'agamba nti, "Ntegeeza, nga ye Wuuyo." Ha, bannange!

Kiikyo ekifo kyo eky'okusinzizaamu. Kiikyo ekifo kyo eky'okwekwekamu. Wuuyo Omwana gw'Endiga gwa Katonda aggyawo ebibi by'ensi. Si kkanisa yonna, si kigunje kya nzikiriza kyonna, yadde ekintu ekirala kyonna, wabula Omwana gw'endiga gwa Katonda aggyawo ebibi by'ensi.

106 Mulaba engeri Yokaana gye yakyogeramu? Teyagamba nti, "Mmwe Abafalisaayo mmwe batuufu, oba nti mmwe Abasaddukaayo, oba nti mmwe abagoberezi ba Kerode."

Yagamba nti, "Wuuyo Omwana gw'endiga." Ekyo kye kifo. Oyo y'alimu Erinnya. Ye Wuuyo. Teri linnya ddala wansi wa Ggulu!

107 Kati mwekkaanye mulabe Yesu kye yayogera ku Yokaana. Lumu Yokaana yamutumira ababaka, balabe bye yali Akola. Yesu yamwogerako n'agamba nti, "Ye yali omusana ogwo ogw'ekitalo ogwakaayakana," ogwali ogw'okubalaga ekkubo ettuufu lye baalina okugoberera nga okujja Kwe tekunnaba kutuuka, okujja Kwe okwasooka. Muwulirize n'obwegendereza. Tekibayitako. Yesu yagamba nti, "Yokaana ye yali omusana ogwo." Malaki 3, temukitabulatabula! Nnabbi eyalina omusana ogw'ekitalo ogwakayaakana yategeera nga Yesu ye yali Oyo omu yekka, "Omwana gw'endiga." Obwana bw'endiga buli obulala bwonna bakabona bwe baali boogerako, wamu n'ebintu ebirala byonna, byonna byali butaliimu. Ono ye yali "Omwana gw'endiga!" Omusajja oli eyalina omusana ogw'ekitalo ogwakayaakana, Yesu gwe yayogerako nti ekyo kye yali.

Malaki 3 wagamba nti, "Nndituma omubaka Wange, alirongoosa ekkubo mu maaso Gange." Era oyo eyatumibwa okulongoosa ekkubo, yamutegeera Oyo, ekifo. "Ye Oyo! Tewali kuwannaanya. Ye Oyo! Ndaba akabonero nga kamugoberera. Nkakasa ye Ye; ndabye Ekitangaala nga kikka okuva mu Ggulu ne kimukkako." Bwali bukakafu ddala, nti ye Ye.

108 Kati, muganda wange, njagala mbeeko ne kye nkubuuza, nga mmaliriza. Tuyinza okugamba bwe tuti. Mu Malaki 4, naffe tetwasuubizibwaayo empungu endala, ey'okugobererwa Empagi ey'Omuliro, okulaga ekkanisa ya leero eyawaba nti Ye Abaebbulaniya 13:8, "abeera obumu jjo, leero, n'emirembe gyonna"? Tetwasuubizibwayo empungu endala ey'okuva mu ddungu? Amiina! Ago ge Mazima gennyini. Nga kikwataganira ddala era kyogera kye kimu ne Lukka 17:30, Omwana w'omuntu (Empungu) w'aliba Yeebikkulira okufeebya ebifo ebirala byonna eby'okusinzizaamu, gamba nga ebibiina by'amadiini n'ebirala!

Katonda yeeroboza ekifo Kye. Yokaana n'agamba nti, "Kiikyo!"

109 Nate twasuubizibwa ekintu kye kimu mu kiseera kino, Malaki 4, "Okukyusa emitima gy'abaana okugizzaayo," okusobola okugamba nti Ye si mufu, ebintu bino si bya mulembe mulala; okubatizibwa mu Linnya lya Yesu tekwali kwa biro biri, naye na buli kati akyali y'Omu. Amiina. Okufeebya ebifo ebirala byonna eby'okusinzizaamu, ogwo gwe mulimu gw'empungu ey'ekiseera eky'oluvannyuma gw'erina okukola, okulaga nti ebifo biri ebirala byonna busirusiru, ebibiina by'amadiini butaliimu, wabula okuddamu okubasongera ku kabonero ke kamu ke Yakola, akalaga nti y'Omu, jjo, leero, n'emirembe gyonna. Aleeruuya!

110 Ne, mu Kubikkulirwa 4:7, tubadde n'Ebiramu bina bye twakamala okuyigako.

Ekisooka kyali, twalaba . . . twalaba nga yali mpologoma. Ekyo kye kyali Ekiramu ekyasooka okufuluma okugenda okwennanga okusoomozebwa kw'ekiseera ekyo ekyaliwo, Empologoma ey'Ekika kya Yuda.

Eyo bwe yavaawo ne wajja Ekiramu ekirala. Era twakiraba nti, Ekiramu ekyaddako yali nte ennume, nga eyo nsolo enkakaalukanyi, ssaddaaka. Mu biro bya lutikko y'e Rooma, Ekkanisa yafa n'eggwaawo; ssaddaaka.

Ekyaddako okuvaayo, yali muntu, kyali Kiramu ekyalina obwenyi nga obw'omuntu. Era omuntu oyo be baali abaddaabuluzi, abaalina obuyigirize obw'obuntu, abaasoma eby'eddiini, n'ebirala.

Naye Ekiramu ekyasembayo ekyalina okubuuka, Ekiramu ekisembayo ekyalina okujja, Bayibuli egamba nti yali mpungu ebuuka. Aleeruuya! Era nnabbi yagamba nti, mu kiseera kino, "Walibaawo Omusana." O, bannange! "Mu kiseera ekyo walibaawo Omusana."

111 Wabaddewo ekiseera eky'abaddaabuluzi. Wabaddewo ekiseera we kibadde ekisiikirize obusiikirize, nga obudde tosobola kubuyita misana oba kiro. Naye mu kiseera eky'akawungeezi, mu kiseera eky'Empungu:

> Walibaawo Omusana mu kiseera ky'Empungu,
> Era ekkubo erigenda mu Kitiibwa mazima ddala oliriraba;
> Mu kkubo ery'amazzi leero mwe muli Omusana,
> Nga oziikibwa mu Linnya lya Yesu ery'omuwendo.
> Abato n'abakadde, mwenna mwenenye ebibi byammwe,
> Omwoyo Omutukuvu ddala anaababatiza okuyingira munda;
> Kubanga Omusana ogw'akawungeezi guzze,
> Era ddala kituufu nti Katonda ne Kristo bali Omu.

112 Amiina! Walibaawo Omusana mu kiseera eky'akawungeezi, ekifo kya Katonda kyokka kye yeeroboza eky'okumusinzizaamu. O, Obubaka buno kiki ekibuleeta, Agenda kukola ki? Era mu kiseera Kye walibaawo Omusana mu kiseera eky'akawungeezi, nga (gwa kukola ki?) okwaniriza abaana Be okudda eka nga bakomawo mu Nsi ensuubize entuufu, nga akozesa akabonero ke kamu ak'Empagi ey'Omuliro eyakulembera abaana ba Isiraeri okubayisa mu ddungu.

Ekifo kya Katonda kye yeeroboza eky'okumusinzizaamu, Yesu Kristo. Ekyo kye kifo kyokka. Eryo lye Linnya lyokka ery'obulokozi Katonda ly'alina. Eryo lye Yatuuma ebiri mu Ggulu byonna, n'ebiri ku nsi, byonna yabituuma Yesu Kristo.

113 Bannange mmwe ekkanisa, Bannange bantu mmwe, ggwe mukwano gwange omwonoonyi, toteeka bwesige bwo mu kintu kirala kyonna okuggyako Yesu Kristo. Toteeka bwesige bwo mu mubuulizi yenna. Toteeka bwesige bwo muntu mulala yenna kukulokola. Tobaako kkanisa yonna gy'oteekamu bwesige bwo, yadde enzikiriza yonna eyagunjibwa, yadde ekibiina ky'eddiini kyonna. Obwesige bwo buteeke mu Yesu Kristo yekka, kubanga Ye gwe Musana ogw'ekiseera kino.

Leka tukoteke emitwe gyaffe.

> Walibaawo Omusana mu kiseera eky'akawungeezi,
> Era ekkubo erigenda mu Kitiibwa mazima ddala oliriraba;
> Mu kkubo ery'amazzi leero mwe muli Omusana,
> Nga oziikibwa mu Linnya lya Yesu ery'omuwendo.
> Abato n'abakadde, mwenenye ebibi byammwe byonna,
> Omwoyo Omutukuvu ddala anaayingira;
> Omusana ogw'akawungeezi guzze,
> Era ddala kituufu nti Katonda ne Kristo bali Omu.

114 O, ow'oluganda, mwannyinaze, bw'oba tewenenyanga, bw'oba tobatizibwanga mu Linnya lya Yesu Kristo, onaatwala eddala eryo erisooka akawungeezi kano? Onoowa Katonda omukisa okukwaniriza mu kifo ekyo mw'osobola okumusinziza? Jjukira, wabweru w'ekyo, tewali kifo kirala Katonda mwe yasuubiza kukusisinkaniramu na kwaniriza kusinza kwo.

115 Oyinza okuŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, naye nze nga nsinza n'obwesimbu ddala!" Ne Kayini bwe yali. Yawaayo ekiweebwayo ekya buli ngeri nga Abeeri kye yawaayo, naye kyali kiweebwayo kikyamu. Osobola okugenda mu kkanisa, n'osasula ebimu eby'ekkumi byo, n'okola buli kimu kyonna nga Omukristaayo bw'ateekwa okukola, nga oli mwesimbu ddala nga omusajja yenna oba omukazi yenna bw'ayinza okuba.

Nnyimiridde wano kati okumala emyaka nga amakumi asatu, mu kibuga kino, nga nnangirira Obubaka bwe bumu buno. Kati ŋŋenda nkaddiwa. Sikyasobola kubeera nnammwe kumala bbanga ddene. Naye mujjukire nti, eddoboozi lyange likwatibwa ku ntambi, era ku Lunaku lw'Omusango, liribalumiriza.

116 Waliwo ekifo kimu kyokka Katonda mw'atuuza Erinnya Lye, era ekifo ekyo tekiri mu kkanisa, wabula mu Yesu. Waliwo

ekifo kimu kyokka eky'okusinzizaamu, ekifo kimu kyokka mw'okkiririzibwa, era ekyo nga kiri mu oyo Omwagalwa, Yesu Kristo. "Tewaliiyo linnya ddala lyonna wansi w'Eggulu, eryaweebwa abantu, mwe balina okulokolerwa," tewali kkanisa yonna, tewali kigunje kya nzikiriza kyonna, tewali kintu kyonna. Yesu Kristo!

Era obwo bwe buteekwa okuba Obubaka bw'ekiseera kino, "Okuzzaayo emitima gy'abaana, eri Okukkiriza okwaweebwa abatukuvu omulundi ogumu." T'obukkirize akawungeezi kano?

Era nga tukyakotese emitwe gyaffe.

117 Kati abo abandyagadde okujjukirwa mu kusaba, musobola okuyimusa emikono gyammwe. Tetusobola kubayita kujja wano mu maaso, kubanga bangi nnyo. Katonda abawe omukisa. Bannange! Ku mukono gwange ogwa kkono, abaliwo balabika bawera nga ebikumi bisatu.

118 Kati abali ku mukono gwange ogwa ddyo, osobola okuyimusa omukono gwo, bw'oba ogamba nti, "Njagala okujjukirwa." Ndowooza waliwo nga kikumi mu ataano, n'omusobyo, ku mukono gwange ogwa ddyo.

Tulina ekkuŋŋaaniro emmanga wano eririna ekidiba ky'amazzi ekinene; n'omusumba, omusumba omulungi, Ow'oluganda Orman Neville, n'abaweereza be tukolagana nabo, abasajja bano abali wano be mulaba era be mutera okusisinkana. Buli lunaku, buli kiro, buli ssaawa, abantu ababeera baagala okubatizibwa, abeenenyezza, bulijjo ekkuŋŋaaniro eryo libeera libalindiridde. Era singa ogondera ekiragiro ekyo, obeera mukakafu, olw'ekisuubizo kya Katonda, bw'obeera mwesimbu mu mutima gwo, okufuna okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu.

119 Waliwo ekifo kimu kyokka eky'okusinzizaamu. Kati, ekyo si y'eri mu kkuŋŋaaniro. Ekyo ye munda mu Kristo. Tumuyingiramu tutya? "Ku bw'Omwoyo omu ffenna tubatizibwa okuyingira mu Mubiri guno ogumu."

Leka tusabe.

120 Ayi Katonda omwagalwa, emikono gino bwe giyimusiddwa, kabadde kabonero akalaga ekiri wansi w'omukono ogwo munda mu mutima, okulumirizibwa nti ddala beetaaga obuyambi okuva gy'Oli. Mbasabira buli omu ku bo, ayi Kitaffe. Era ŋŋenda kunokola Ekigambo Kyo. Wagamba nti, "Oyo awulira Ekigambo Kyange, n'akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu obw'emirembe n'emirembe, era talijja mu Musango; naye nga asaze okuva mu kufa okudda mu Bulamu."

Kitaffe, nnatambuddeko katono ne nva mu kibuga, naye nnagenze okudda, okubuuza nti, "*Gundi* ali wa?"

"Oyo, yafa."

"Kati, ate . . . "

"Naye yafa."

121 Ayi Katonda Omwagalwa, omu ku omu tugenda tuyitibwa, omu ku omu tulina okweŋŋanga okusoomoozebwa okw'okuyita mu kiwonvu eky'ekisiikirize eky'okufa. Era kwa kututuukako buli omu ku ffe, nga abantu abafa. Naye, akawungeezi kano, Otuwadde akakisa tubeeko ne bye tusaba, nga singa tunaamukkiriza ne tubatizibwa mu Linnya Lye, Ojja kutusembeza otuyingize. Era nga tuli mu Mubiri guno, Omubiri gwa Kristo, si mu kkanisa, wabula mu Mubiri gwa Kristo, Omubiri ogwo gwamala dda okusalirwa Omusango. Teguliddamu kusalirwa Musango nate. Katonda yafukumula ekiruyi Kye ku mubiri ogwo, era omubiri ogwo teguliimu kibi; na bwe kityo, bwe tubeera mu Ye, tubeera tetubalibwako kibi, olw'Okutangirirwa okwakolebwa Oyo eyafa ku lwaffe. Era nga tuli munda omwo tubeera n'okussa ekimu buli omu ne munne, nga Omusaayi gwa Yesu Kristo, Omwana wa Katonda, bwe gutukuuma nga tuli balongoofu okuva eri buli kibi kyonna n'okucaafuwazibwa.

122 Kitaffe Katonda, nkusaba buli omu ku bo Obayingize mu Bwakabaka Bwo. Kikkirize, ayi Katonda. Leka waleme kubaawo n'omu ku bo abula; waleme kubula yadde omulenzi yenna oba omuwala, omusajja oba omukazi. Mukama, waliwo abamu ku bantu bange abatudde wano, akawungeezi kano, abatali wansi wa Musaayi ogwo. Nga nsobola bulungi okujjukira ebigambo bya taata wange! Era nsaba, ayi Katonda Omwagalwa, nti waleme kubaawo n'omu ku bo abula. Kituwe, ayi Mukama. Nkukkiriza kaakano, na buli kimu kyonna ekiri mu nze kye nsobola okukkiriza nakyo.

123 Tambula okome ku baganda bange, ne bannyinaze, ne mikwano gyange, abali mu kifo kino akawungeezi kano n'abawuliririza ku lukomo lw'essimu. Waliwo amasaza ag'enjawulo agawerako agalimu abawuliriza, okuviira ddala ku Lubalama lw'Ebuvanjuba okutuuka Ebugwanjuba. Nkusaba, ayi Katonda Omwagalwa, emmanga ddala eri e busukkaddungu mu Tucson, erudda eri mu California, engulu mu Nevada ne Idaho, erudda eri mu Buvanjuba n'okwetooloola wonna, emmanga eri mu Texas; okuyitibwa kuno gye kwatuuka, abantu batudde mu—makanisa ag'abantu abatonotono, batudde ku masundiro g'amafuta, ne mu maka, nga bawuliriza. Ayi Katonda, nsaba omusajja oba omukazi oyo eyabula, oba omulenzi oba omuwala, mu kaseera kano, ajje gy'Oli. Nkusaba okikole mu kaseera kano kennyini. Tukisaba mu Linnya lya Yesu, bazuule ekifo kino eky'obuddukiro nga ekiseera kikyaliwo.

Bwe, tulaba omukono oguwandiise ku kisenge, nga ensi eri mu kutya, ekiseera ky'okununulibwa kinaatera okutuuka. Ekitundu ky'egwanga lyaffe kiri mu kukka mu ttaka, ate ekitundu ekirala kiyiringisibwa nga bwe kibumbulukuka

olw'ebikankano, nga Yesu bwe yagamba nti bwe kiriba. Leka kireme kubatwalira kiseera kiwanvu, ayi Mukama. Leka bakikkirize kati, kubanga tubawaayo gy'Oli nga ebirabo eby'obuwanguzi ebivudde mu lukuŋŋaana, olw'Enjiri, Mu Linnya lya Yesu. Amiina.

124 Mumukkiriza? Katonda abawe omukisa. Bameka abakkiriza nti ago ge Mazima, ku mukono gwange ogwa kkono? Yimusa omukono gwo. Ate bameka ku mukono gwange ogwa ddyo? Yimusa omukono gwo. Katonda abawe omukisa. Nga bwe ndaba, buli omu. Ago ge Mazima, ab'emikwano. Katonda amanyi nga ekyo kituufu.

125 Kati nga oli mu Ye, era nga oli mu Ye, olina olukusa eri buli kimu kyonna kye Yafiirira. Era kiki kye Yafiirira? "Yafumitibwa olw'okusobya kwaffe, n'abetentebwa olw'obujeemu bwaffe; ekibonerezo ky'emirembe gyaffe kyali ku Ye, era olw'emiggo Gye twawonyezebwa." Ekyo mukikkiriza? Kati mukkiriza omutango gwe Yawaayo olw'okuwonyezebwa?

126 Mu ffe mulimu omulwadde yenna? Leka ayimuse omukono gwe, oba ali ku ddyo oba ku kkono. Waliwo abalwadde bayitirivu. Ssisobola kubayita kukola lunyiriri. Mukiraba, ssi. . . tebasobola kujja mu maaso wano ku kituuti. Tewali ngeri gye kiyinza kukolebwamu.

Balina enkuŋŋaana ez'okusaba mu bifo ebirala, okusabira abalwadde, mu makanisa n'awalala, emmanga mu kkuŋŋaaniro.

Ŋŋenda kubaako ne kye mbabuuza. Bameka wano nga oli mukkiriza? Yimusa omukono gwo. Kale. Ŋŋenda kubanokolera Ekigambo, nga ye Kristo. Omulimu ogwasembayo Yesu gwe yawa ensi, gwe yawa Ekkanisa, manya, Yagamba bw'ati nti, "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza; bwe banaateekanga emikono ku balwadde, banaawonanga." Ekyo bameka abakimanyi nti kituufu, Makko 16, muddeemu nti, "Amiina." [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Kale. Kati nkusaba nga ggwe omukkiriza oteeke emikono ku oyo yenna ali awo mu maaso go. Baako omuntu yenna ali awo mu maaso go gw'ossaako emikono, era leka kati buli omu asabire munne. Baako omuntu akuliraanye gw'ossaako emikono.

127 Mukama, mu maaso gange wano waliwo ekibookisi ekirimu obutambaala, n'obuntuntu obulala; waliwo maama omu bambi alina waali nga agalamidde, afa, waliwo omwana ali ku njegooyego z'okufa, waliwo abalwadde buli wamu. Tusoma mu Bayibuli nti baatwalanga obutambaala n'ebiremba okuva ku mubiri gwa Pawulo, ne biteekebwa ku balwadde; era emyoyo emibi, n'emyoyo egitali mirongoofu, n'obulwadde, n'endwadde, ne bivanga ku bantu. Kati, Mukama, tumanyi tetuli Mutukuvu Pawulo, naye tumanyi nga Okyali Yesu y'omu, ekifo kya Katonda kyokka kye yawa eky'okumusinzizaamu. Era kati, olwa leero, abantu bano baatudde okukkiriza kwabwe, nga

bakkiririza ddala nga n'abantu bali bwe bakkiriza. Mazima ddala Obateereddewo ekkubo! Era nteeka emikono gyange ku butambaala buno nga nsaba nti endwadde n'okunyigirizibwa byamuke emibiri gy'abantu obutambaala buno kwe bunassibwa mu Linnya lya Yesu Kristo.

128 Kati, tuyigirizibwa, nti Isiraeri bwe baali bafuluma Misiri, nga bali ku mulimu gw'obuvunaanyizibwa bwabwe, baali mu lugendo lwabwe nga boolekedde ensi ensuubize. Ennyanja Emmyufu ne yekiika mu kkubo lyabwe. Katonda n'atunuula wansi okuyita mu Mpagi ey'Omuliro, ennyanja n'etya, ne yeezingako erudda n'erudda, n'eviira Isiraeri ne basomoka okugenda mu nsi ensuubize. Ayi Katonda, tunula wansi nga oyita mu Musaayi gwa Yesu, akawungeezi kano, era leka endwadde ziseguke ziveewo, ne Ssetaani agobebwe. Era leka abantu batuuke mu kisuubizo ekyo eky'obulamu obulungi n'amaanyi, Katonda kye yagamba nti, "Okusinga byonna, njagala mubeere n'obulamu obulungi obweyagaza."

129 Kaakano nga bw'Olaba, ayi Mukama Yesu, emikono gy'abantu bano nga bagitadde buli omu ku munne, booleka akabonero ak'okukkiriza kwabwe, bwe Wagamba nti, "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza." Buli omu ku bo, asabira munne mu ngeri ye. Nga n'amuddiridde naye bw'amusabira.

130 Kaakano, ayi Mukama, okusoomoozebwa kuno kuwanguddwa, nti Ssetaani, oyo omuguumaaza omukulu, talina lukusa lwonna kukwata mwana wa Katonda. Muntu eyawangulwa. Yesu Kristo, ekifo kyokka eky'okusinzizaamu, Erinnya lyokka ettuufu, yamuwangulira e Kalivaaliyo. Era tubanja Omusaayi Gwe mu kaseera kano, nti Yawangula buli bulwadde, na buli ndwadde yonna.

Era ndagira Ssetaani okwamuka ekibiina kino. Mu Linnya lya Yesu Kristo, vva mu bantu bano, era leka babeere ba ddembe.

131 Buli muntu yenna akkiriza okuwonyezebwa kwe okusinziira ku Kigambo ekiwandiike, kakasa obujulizi bwo nga oyimirira ku bigere byo ogambe nti, "Kati nzikiriza okuwonyezebwa kwange mu Linnya lya Yesu Kristo." Yimirira ku bigere byo.

Katonda atenderezebwe! Kiikyo. Laba erudda wano eno, abalema n'abalala bwe basituka. Katonda atenderezebwe! Ky'ekyo. Kkiriza bukkiriza. Ali wano. Nga kiyitirivu nnyo!

132 Abali mu kibiina, ekiri ebweru eyo, ku lukomo lw'essimu, mubadde musaana ne mwerabirako! Ndowooza buli muntu yenna ali wano, nga bwe mmanyi, oba kale abasinga obungi, bonna bayimiridde. O, nga kiseera kiyitirivu! Okwo nno, kwe Kubeerawo kwa Mukama! "Okubeerawo kwa Mukama we kubeera, wabeerawo eddembe, wabeerawo okusumululwa." Omwoyo wa Katonda atufuula ba ddembe.

133 Kati nga bw'Atuwonyezza, tukikkiriza. Yatulokola; tukikkiriza. Abo abaagala okubatizibwa, ekidiba weekiri kitegekeddwa. Ekiseera kyonna, essaawa yonna, w'oyagalira okujja, wajja kubaawo omuntu ow'okukukolako.

Era kati ndowooza, nga tetunnamaliriza, tulina okubaako oluyimba olw'edda olw'ekkanisa lwe tuyimba. "Mmwagala, Mmwagala kubanga Ye yasooka okunjagala." Muyimuse emikono gyammwe eri Katonda tuluyimbe n'emitima gyaffe gyonna!

Twagala tubasisinkane wano ku makya, ku ssaawa ssatu n'ekitundu, mu kizimbe kino kye kimu, ku lw'eky'okuyigako eky'*Okufumbiriganwa n'Okwawukana*. Kale.

Kati leka tuluyimbire wamu ffenna.

Mmwagala,

Leka ekibiina kino ekinene kyonna wamu kiruyimbe kaakano! Nammwe eyo abayungiddwa ku lukomo lw'essimu nammwe, muluyimbe.

Kubanga Ye yasooka okunjagala
Era n'asasulira obulokozi bwange
Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

134 Kyakolebwa wa? Ku muti gw'e Kalivaaliyo. Nga bwe tuluyimba nate, njagala obeeko akuliraanye gw'okwatako mu ngalo, omugambe nti, "Katonda akuwe omukisa, mutambuze."

Mwa . . . (. . . ? . . .)
Kubanga Ye yasooka . . .
Era n'asasulira obulokozi bwange
Ku . . .

135 O, temumwagala? Ssi mulungi nnyo? Ye Kifo kyo Eky'okwekwekamu? Ye Lwazi mu nsi ekooye, Ekifo eky'okwewogomamu mu kiseera eky'omuyaga, Ekiddukiro kyokka kye mmanyi. N'olw'ekyo:

Okukkiriza kwange kutunuulidde Ggwe,
Ggwe Omwana gw'Endiga ogw'e Kalivaaliyo,
Omulokozi Omutukuvu;
Mpulira kaakano nga nsaba,
Jjawo okusalirwa omusango kwe mpulira,
Nnyamba okuva olwa leero
Mbeerere ddala Wuwo!

Leka tuyimuse emikono gyaffe nga bwe tuluyimba.

Okukkiriza kwange kutunuulidde Ggwe,
Ggwe Omwana gw'Endiga ogw'e Kalivaaliyo,

Ayi Omulokozi Omutukuvu;
Mpulira kaakano nga nsaba,
Jjawo ekibi kyange kyonna,
O leka okuva leero
Mbeerere ddala Wuwo!

Kaakano leka tukoteke emitwe gyaffe nga bwe tulumuumuunya.

Nga ntambula mu kizikiza ky'obulamu,
Nga ennyiike enneetoloodde wonna,
Beera Omuluŋŋamya wange;
Lagira ekizikiza kifuuke emisana,
Sangulawo amaziga gonna ag'ennaku,
Era toŋŋanyanga okuwaba
Okukuvaako.

Nga mukotese emitwe gyammwe, omusumba waffe omwagalwa, Ow'oluganda Orman Neville, agenda kusiibula ekibiina.

Ekifo Kya Katonda Kye Yeeroboza
Eky'Okumusinzizaamu LUG65-0220
(God's Chosen Place Of Worship)

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Lwomukaaga akawungeezi, nga 20 Febwali, 1965, mu ssomero lya Parkview Junior High School e Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2023 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org